Abaebbulaniya,
Essuula Ey'Omukaaga 3

Mwasuze mutya, ab'emikwano. Kya mukisa okubeera wano. Era—era okutuukiriza okwanjulwa kuno okw'amaanyi bwe kuti okuva eri omusumba waffe amazima kitwala obulamu obwa nnamaddala bwennyini, ssi bwe kiri? N'olwekyo Mukama tumutendereza olw'amaanyi Ge gonna ag'ekitalo agawonya wamu n'okusaasira Kwe by'Atuwadde okuyita mu myaka gyonna.

Kati nninawo ebirango ebitonotono bye nnina okukola. Ekisooka, ffe, Ow'oluganda Wood n'Ow'oluganda Roberson, twagala okubeebaza mwenna olw'okutusabira, ne tuba n'olugendo olulungi. Twafuna ebiseera ebirungi ddala; nzikiriza, tumaze ennaku nga nnya n'ekitundu nga tetuliiwo, era twakomyewo mirembe. Ddala Mukama yatuwa omukisa.

506 Kati, tulangirira nti Ow'oluganda Graham Snelling, enkuŋŋaana ze, zikyagenda mu maaso, engulu eri ku—ku nkomerero y'Oluguudo lwa Brigham, ku. . . wano eno mu kibuga. Kati ku Lwokusatu luno olujja akawungeezi. . . Njagala kuvaawokko enkya, oluvannyuma lw'okuweereza mu kuziika kw'omuntu omu gwe ŋŋenda okubategeeza mu ddakiika entono eziddako. Kati tujja kubategeeza ku Lwokusatu akawungeezi. Twagala tugendere mu kibinja, ffenna wamu, tugende tukyalire Ow'oluganda Graham nga tannaba kuggalawo lukuŋŋaana lwe engulu eyo. Era tujja kugezaako okukunga ekkanisa yonna wamu, bwe tuba tusobola, tugende ffenna wamu nga ekibinja, tubeere n'Ow'oluganda Graham mu lumu ku nkuŋŋaana ze.

507 Ate, kati, olweggulo luno mu ggwanika ly'omu Charlestown, waliwo agalamiddeyo a—ayitibwa Muky. Colvin, eyasabirako mu kkanisa eno emyaka mingi egiyise, abadde aweza emyaka nsanvu mu ena, eyavudde mu bulamu bw'ensi eno olunaku lwa jjo n'agenda okubeera ne Mukama waffe Yesu. Era omukolo gw'okumuziika gwa kubaawo ku Mmande, nga gujja kukulemberwa Levirandi Mw. McKinney nga y'ajja okubuulira, nga, yaliko, omusumba w'ekkanisa y'Abamesodisiti esangibwa mu—mu Port Fulton okumala emyaka mingi, eyali mukwano gwa famire yaabwe. Era nze ow'okumuyambako, ku Mmande, ku, nzikiriza gujja kubaawo ku ssaawa zijja musanvu n'ekitundu, mu—mu kkanisa y'omu Charlestown, mu Indiana. Kale bambi mmwe mwenna mikwaano gy'amaka ga ba Colvin nkakasa, bandyagadde, era beetaagira ddala okubazzaamu amaanyi n'okubagumya oba oku. . . waakiri okubalamusaako. Kubanga

ffenna tumanyi kye kitegeeza, ffe abaali babaddeko mu mbeera bwe zityo, mu biwonvu, ffe bennyini, tumanyi kye kitegeeza okuviibwaako ow'omukwano. Kale tu. . . Mu kaseera kano omubiri gwe guli mu—mu kkanisa, mu Charlestown, Indiana. Kale bw'oba osobola okugendayo olweggulo luno, ddala, ab'amaka ga ba Colvin, nkakasa kijja kubakola bulungi ddala. Waliwo bangi ku bantu baabwe abakyasabira wano mu kkuŋŋaaniro. Kyenkana, ab'amaka gaabwe, bonna, nze mbagasse mu bufumbo, abalala ne mbaziika, abalala ne mbabatiza. Kale kati Mw. Grayson, eyali muliraanwa waffe wano eno, y'agenda okuteekateeka eby'okuziika.

508 Kaakati bwe tukomawo ku bya wano, akawungeezi, Mukama nga ayagadde, we tunaaba tukomye enkya ya leero, we tujja okugezaako okutandikira akawungeezi, mu ky'okuyiga kino ekikulu kye tuyigako mu kiseera kino. Kale kati ndowooza ebyo by'ebirango bye mbadde nabyo, okusinziira nga—nga bwe—bwe mmanyi. Kati ku Lwokusatu luno akawungeezi, kati, tujja kulangirira akawungeezi ke tunaagenda okubeera n'Ow'oluganda Graham.

509 Kati abagenyi mwenna abali mu makkati gaffe tubaaniriza. Era tuli basanyufu okuba nammwe enkya ya leero, era tusaba Katonda abawe omukisa ogusukkulumye, era ogw'omuyiika olunaku lwa leero, olw'okukuŋŋaana wano naffe.

510 Ow'oluganda Cox yaakava okuŋŋamba nti ebyuma byaffe ebifulumya amaloboozi tebikola bulungi mu kaseera kano. Oba oly'awo, kivudde ku mbeera ya budde, kirabika emizindaalo girimu obunnyogovu bungi. Ate nga n'okusooka kwa byonna, ssi gye mirungi ennyo ekiri awo, kale ekyo kyandiba nga kye kivuddeko obuzibu.

511 Nninga alengera mwannyinaffe erudda wano gwe mmanyi, Mwannyinaffe Arganbright, ndi. . . Kino si kirungi era—era ssi mpisa nnungi, okubuuza kino, naye Ow'oluganda Arganbright waamuwulizza kasookedde agenda? Njagala nnyo okumanya ebimukwatako amangu ddala nga bwe kisoboka. Ali mu Switzerland ne Germany, mu lukuŋŋaana oluli eyo wamu n'Ow'oluganda Tommy Hicks ne Paul Cain. Bw'omuwuliza, Mwannyinaffe Ruth, ntegeezaako, mu bwangu ddala nga bw'osobola.

512 Kati, ekkuŋŋaaniro lino ettono teririna bwa mmemba, naye tulina kussa kimu. Tetulina kiyiiye kya nzikiriza yonna kye tukkiriza wabula Kristo, tetulina tteeka lyonna wabula okwagala, tetulina kitabo kirala kyonna okuggyako Bayibuli. Ky'Ekitabo kyokka kye tumanyi, era ky'ekintu kyokka kye tumanyi, kye tulina. Omusaayi gwa Yesu Kristo nga bwe gutulongoosa ffenna okuva mu bibi, tulina okussa ekimu buli omu ne munne, buli omu.

513 Nneetegerezza, enkya ya leero, eri abamu ku mmwe abayinza okuba nga muwulidde ow'oluganda bw'abadde asaba. Oyo abadde Mukatuliki, kale, manya yali Mukatuliki. Kale tulina abantu aba buli ngeri abajja wano. Mu ddakiika ezaakayita, nfunye omukisa okukwatako mu ngalo z'ow'oluganda ow'enzikiriza y'Abamenonayiti atudde wano. Kale oba oli ava mu nzikiriza y'Abamenonayiti, oba y'Abamesodisiti, oba y'Ababaputisiti, oba y'Abakatuliki, buli yenna ayagala okujja, tumwaniriza. Era tussa kimu ne tugabana emikisa egiri mu Kigambo kya Katonda. Mu batudde wano mulimu ab'enzikiriza y'Abajulirwa ba Yakuwa n'abantu ab'engeri ezitali zimu, kale, waliwo abantu ab'ebibiina by'amadiini ebitali bimu.

514 Nnayagalanga nnyo (weewaawo, nkyayagalayo) e Bugwanjuba. Njagala nnyo embalaasi wamu n'ente. Nnakulira ku ddundiro, era—era ndyagala nnyo. Kati twabeeranga n'ekiseera eky'okukuŋŋaanya awamu ente zonna, era nnateranga okugenda nazo. Era twabanga n'olukomera. Mmwe ab'Ebuvanjuba ssimanyi oba olukomera mulumanyi, oba nedda. Bw'otwala ente mu—mu kibira, babeera n'olukomera okusobola okuziziyiza okuwaguza, ndowooza bwe batyo bwe bakiyita, ne zitaddayo wansi mu malundiro. Zalyanga omuddo ne zigumalawo, gwe baasimbanga okwetegekera ekiseera eky'obutiti. Kati ne waggulu eri mu nsozi, eyo nayo balinayo enkomera, mwe baawulira ente enkazi nga ziizo n'ensajja emu, n'endala bwe zityo. Olwo nalwo luyitibwa lukomera. Naye olukomera olukulu lwe lwo omukuumi w'amagana w'ayimirira awo nga ente bwe ziyitawo.

515 Kati ennaku nnyingi, nnateranga okutuula awo, ku matandiiko gange, ne nnekkaanya ente ezo nga ziyitawo. Waabangawo amagana ag'enjawulo agaayingiranga. Waabangawo eggana eriyitibwa "Diamond." Nga eddala liyitibwa "Bar X." Ate eddala. . . Eryaffe lyali liyitibwa "Tripod," nga lirina obulambe obwefaanaanyiriza akabonero k'Abalenzi Abasikawutu. Eggana eriddako, eryagobereranga eryaffe, lyali lirina akabonero ka "Turkey Track," ku mbalaasi. Era baalina amagana ag'ebika eby'enjawulo, kwe—kwe baayawuliranga ente zaabwe nga zivaayo.

516 Kati, omukuumi w'eddundiro teyafangayo nnyo ku linnya ki ery'eggana eryabanga ku nte, naye kiikino, onukuumi kye yanoonyanga kwe kulaba obulambe bwe zaabanga nazo mu matu gaazo. Buli nte eyayingirangayo, si nsonga ya ggana ki, yalinanga kuba ya lulyo lwa Hereford lwennyini nnakabala. Yali teyinza kuyingirayo okuggyako nga ya lulyo lwa Hereford. Eggana eryo lyabanga lirina okuba nga lyawandiisibwa bwe kitaba ekyo nga terisobola kuyingirayo.

517 Kati ndowooza, nti ne ku lunaku luli Mukama waffe bw'alijja, talifaayo ku linnya lye tweyita, naye ekikulu kwe kuba nti ffenna tuli Bakristaayo abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri.

Ky'ekyo. Eryo ly'eggana lya Kristo. Okukeberwa Omusaayi ffena kujja kutukakasa, ffenna tuli Bakristaayo. Kati bwe tuba nga bwe tutyo bwe tulibeera *eri*, ne wano leka tukole kye kimu. Mmwe mukiraba mutya? N'olwensonga eyo, twaniriza okussa ekimu okwa buli ngeri okuva mu makanisa amalala gonna ag'enjawulo.

518 Kati tuli mu kuyiga ku Kitabo kino eky'omukisa eky'Abaebbulaniya. Waliwo ow'oluganda omu akinyumiddwa ennyo okutuusa nti yatutte entambi era ali mu kuzikolamu ekitabo ekikwata ku ky'okuyigako kino.

519 Kati mu bbanga eritali lya wala, tugenda kutuuka, ku ssuula ey'e 11. Ekiseera ky'obutiti kyonna tusuubira okukimala ku ssuula eyo, ey'e 11. Kubanga ku buli omu ku abo aboogerwako, twagala tuddeyo tunoonye buli wamu wonna we boogerwako mu Kitabo kyonna olwo Ebyawandiikibwa byonna tubikwanaganye wamu. Nnabadde ŋŋenda kukikola. Nkikola mu bitundutundu, mu zimu ku ssuula zino, ezisooka, okusobola okukwanaganya Ekitabo kyonna awamu. Kubanga, mulaba, Ebyawandiikibwa bye biteekwa okukakasa Ebyawandiikibwa.

520 N'olwekyo, bwe wabaawo okukubagana empawa kwonna, bwe wabaawo omuntu yenna alowooza mbu Ebyawandiikibwa bikubagana empawa, eyo nsobi. Tewali Kyawandiikibwa kikontana na Kyawandiikibwa kirala. Oku—okukubagana empawa bwe biba nti bikubagana empawa weewo ob'olyawo nga bikontana n'engeri gye tubirabamu nga ffe, naye Ebyawandiikibwa nga byo tebikubagana mpawa. Mbadde mu buweereza, kati ŋŋenda mu myaka abiri mu mukaaga, naye ssirabanga, yadde omulundi ogumu guti, ekintu kyonna mu Bayibuli ekikontana n'ekirala ekyawandiikibwa mu Bayibuli. Era nka—nkakasa tekiriimu.

521 Kati olwa leero tuyiga okuva mu zimu ku ssuula ezisingayo okuba ez'omukisa mu kitabo ky'Abaebbulaniya, essuula ey'omu 7. Kati bwe wabaawo omuntu yenna atalina Bayibuli, nga yandyagadde okutugoberera mu bye tusoma, tunaasanyuka okukuleetera Bayibuli ssinga onooyimusa omukono gwo. Nja kusaba abakadde, wabeewo, ajja wano afunewo nga ziizo. Emabega wali waliwo abawanise emikono. Kati weebale, ow'oluganda. Kati bw'oba oyagala Bayibuli, yimusa buyimusa omukono gwo, bajja kugikuleetera w'oli.

522 Kati, engeri yokka ekkanisa gy'esobola okuzimbibwamu, engeri yokka omuntu gy'asobola okuba n'Okukkiriza, ssi kuyita mu kibiina kye eky'eddiini, ssi kuyita mu abo b'akolagana nabo. Naye Okukkiriza kwe era tekulina kuwummulira ku njigiriza ya ddiini omuntu omu gye yagunjaayo, kubanga n'enjigiriza eyo, okutwaliza awamu, era aba muntu. Naye engeri yokka Okukkiriza gye kusobola okufuna ekifo ekikakafu kwe kuwummulira, kwe kuwummulira ku Kigambo kya Katonda

ekitakyukakyuka era ekitajjulukuka. "Okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira, okuwulira Ekigambo." Bwe kutyo bwe kujja. Era—era Okukkiriza bwe kuwulirwa era ne kukkirizibwa, kiba kiwedde emirembe n'emirembe. Waba tewakyali kintu kirala kyonna kisobola kukinyeenya, ka kibe kiki kyonna ekibaawo. Tewali kiyinza kukyusa Kukkiriza okwo. Kirowoozeeko ekyo. Obeera osudde essika, nga tokyayinza kukyuka, kawabe mu biseera bino oba mu Butaggwaawo. Obeera osudde essika emirembe n'emirembe, "Kubanga Katonda, okuyita mu ssaddaaka emu, yatuukiriza emirembe n'emirembe abo abaatukuzibwa, manya abaayitibwa."

523 Era Okukkiriza kulina ekifo ekinene ddala mu Mukristaayo, mu bulamu bw'omukkiriza, nti kusobola okuyimirira ne kunywerera ku ekyo kye kukkiriza ne bwe kuba kusimbiddwa ku mabbali g'entaana ey'ettosi oba awali ssanduuko y'omufu, omuli omulambo gw'omwana omwagalwa oba ow'omukwano aba avudde mu bulamu bw'ensi eno n'agenda emitala. Era nga kwekaliriza n'eriiso ejjoji nga ery'empungu, kusobola okutunuulira Oyo eyagamba nti, "Nze Kuzuukira n'Obulamu." Bw'atyo omuntu oyo ne yeerabira eby'emabega. N'amalirira okutuuka awali empeera ey'okuyita okwa waggulu.

524 Ndi musanyufu nnyo okuba nti Katonda yatuwa ekintu bwe kityo, era n'akissaawo nga ekirabo eky'obuwa eri bonna. Ekyo amakanisa kye galina okubeera. *Amakanisa* tekitegeeza bibiina bya madiini oba ebibiina eby'obuntu; naye kitegeeza, "Ebibinja by'abantu, abakkiriza, abakuŋŋaanye awamu wansi w'okussa ekimu okw'Ekigambo."

525 Era mu kuyigiriza kuno okulungi ennyo okw'Omutukuvu Pawulo, mu ebyo bye yatandika nabyo, mu ssuula ez'emabega, mu ngeri ey'enjawulo abadde alaga obusukkulumu bw'Obwakatonda bwa Mukama waffe Yesu ne Kye Yali. Kristo yali Katonda, eyeeyoleka mu ngeri eyo abantu basobole okumukomako n'okumukwatako, era—era basse kimu Naye. Kristo, Mukama waffe Yesu, gwe gwali omubiri Katonda mwe yatuula, "Katonda yayambala omubiri n'abeerako gye tuli." Timoseewo Ekisooka 3:16, "Era awatali kukubagana mpawa ekyama ky'obulamba bwa Katonda kikulu, kubanga Katonda yalabisibwa mu mubiri."

526 Yakuwa omukulu yakka wansi n'aba nga asobola okukwatibwaako, nga ayita mu kubeera mu mubiri gw'Omwana We Yennyini, nga alangirira era nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali. Katonda teyali . . . Kristo teyali kirala kyonna okuggyako Katonda, ne—ne Katonda teyali kirala kyonna okuggyako Kristo. Bombiriri be baakola Obulamba bwa Katonda mu mubiri, yakolebwa nga ali ku ddaala erya wansi ku lya Bamalayika, Asobole okubonaabona. Bamalayika tebasobola kubonaabona. Yesu ye yali Weema Katonda mwe yatuula.

527 Bayibuli egamba, mu ssuula ey'omu 7 ey'Ebikolwa by'Abatume, nti, "Ennyumba, n'ebyokebwa-. . . ssaddaaka n'ebiweebwayo ebyokebwa Tewabyagala, naye Wanteekerateekera omubiri. Naye Oyo ali Waggulu ennyo tatuula mu nnyumba ezaakolebwa n'emikono, naye Wanteekerateekera omubiri," asobole okutuula mu oba okubeera mu kussa ekimu n'omuntu.

528 Katonda nga akkirizza, amangu ddala nga tumalirizza essuula eno, manya nga tumalirizza Ekitabo kino, twagala tuddeyo emabega tukwate ku Kitabo kya Luusi tulage okuva mu kitabo ekyo engeri Katonda gye yafuuka ow'olulyo lwaffe, okusobola okutabaganya abaabula okubakomyawo gy'Ali nga ayita mu kussa ekimu n'okufuuka omu ku ffe. Omununuzi ateekwa okuba ow'olulyo lwaffe, era engeri yokka Katonda gye yali asobola okufuuka ow'olulyo lwaffe, kwe kufuuka omu ku ffe. N'olwekyo, Yali tasobola kufuuka Malayika ate n'abeera ow'omu lulyo lw'abantu.

529 Akawungeezi ka jjo bwe nnabadde njogera n'omutabani omu alina ennaku ku mutima, gwe nkola naye, eyaakafiirwa nnyina, yaŋŋambye nti, "O, Ow'oluganda Bill, ndowooza kati maama wange Malayika akawungeezi kano."

530 Ne mmugamba nti, "Nedda, Earl. Talibeera Malayika. Akawungeezi kano, maama wo mukazi, era nga Katonda bwe yamutonda, era lubeerera ky'aliba, taliba Malayika." Katonda yakola Bamalayika. Teyakola bantu kufuuka Bamalayika. Yakola Bamalayika *wamu* n'abantu. N'olwekyo abantu tebalifuuka Bamalayika, ne Bamalayika tebalifuuka bantu. Katonda yabakola nga banjawulo.

531 Kati, ne ku kya Kristo okufuuka omuntu okusobola okununula omuntu okumuggyayo okuva mu buziba gye yali yagwa, n'embeera eyo ey'obutafa mwe yali mwe yava n'agwa olw'ekibi, Katonda yakka wansi n'ayambala enkula y'omuntu, n'afuuka ow'olulyo lwaffe, Asobole okwetikka ebibi byaffe n'okufa kwaffe.

532 Kati mu kimu ku by'okulabirako bye twawa, mu by'okuyigako bye tuzze tuyitamu, leka tubyejjukanyemukko abaakatwegattako basobole okutegeera kye twogerako. Katonda, mu lugendo Lwe nga agenda e Kalivaaliyo, empiso y'okufa yagenda emulondoola, era nga emuwuumirako, era oluvannyuma lwa byonna yamufumita okutuusa lwe Yafa. Yafiira ddala okutuusa nti n'enjuba yazikira. Yafiira ddala okutuusa nti omwezi n'emmunyeenye tebyasobola kuwa kitangaala kyabyo.

533 Kubanga, ensonga lwaki ekyo Yalina okukikola, kwe kusobola okukwatirayo empiso y'okufa! Ssinga Yali muntu atafa, ssinga Yali mu mubiri ogw'Omwoyo, oba ssinga yali mu Mwoyo, ebyo okufa tekubirinaako buyinza. Yalina okwambala

omubiri ogw'omuntu, Asobole okuwulira obulumi bw'empiso y'okufa. Naye enjuki oba ekiwuka kyonna ekirumisa empiso, kasita kiruma ne kifumitira munda ddala empiso yaakyo, kiba tekiriddamu kufumita. Empiso yaakyo kigireka mu mubiri. Era ekyo Kristo kye ya-. . . manyanga Katonda kye yafuuka. Kristo yayambala omubiri, Asobole okukwatirayo empiso y'okufa mu mubiri Gwe Ye. Era okufa bwe kwamwesimattulako ku musaalaba, empiso yaakwo kwagireka, kati tekukyasobola kuddamu kufumita mukkiriza. Kusobola okuvuuvuuma, era kusobola okuwuuma wamu n'okutiisatiisa, naye tekusobola kuluma. Tekulina mpiso.

534 Omutukuvu Pawulo ow'ekitalo, mu lugendo lw'okufa kwe, yayogerera waggulu n'agamba nti, "Ggwe okufa, empiso yo eri wa? Naawe entaana, okuwangula kwo kuli luuyi wa? Naye Katonda yeebazibwe Oyo eyatuwa obuwanguzi okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo, kubanga byombi okufa n'amagombe tebikyalina maanyi."

535 Kati, ekirala, ku Ssande ewedde twakwata ku kigamba nti, "Tuleke okwogera ku bigambo eby'olubereberye eby'enjigiriza ya Kristo," ekyo tukisoma okuva, mu ssuula ey'omu 6 nti, "leka tweyongereyo mu kutuukirira." Era twakiraba nti leero abantu mu makanisa mangi, nga n'ey'Ekkuŋŋaaniro lya Branham mw'ogitwalidde n'endala ez'enjawulo, tussa nnyo essira ku kuyiga ebigambo eby'olubereberye ebya Kristo: Yali Mwana wa Ibulayimu, Yali Mwana wa—wa *Gundi,* ne tugenda nga tulondoola, obuzaaliranwa. Naye Bayibuli egamba nti, "Ebyo leka tubiteeke ku bbali, tweyongereyo mu kutuukirira."

536 Ekisooka oteekwa okumanya enjigiriza, era oteekwa okuba nga n'ebintu bino byonna obimanyi; ekyo bw'okimala kati leka tubisse ku bbali, yagamba, eby'okuzuukira kw'abafu, eby'okuteekako emikono, n'okubatiza, n'ebiragiro bya Katonda ebyo byonna ebifu. Kyokka, nga—nga tebiriimu Bulamu. Naye ekkanisa leero lubeerera mu ebyo mw'ebeera, "O, tukkiriza nti Kristo ye Katonda." Weewaawo. Mukikkiriza. "Tukkiririza mu kubatizibwa mu mazzi." Weewaawo. Mukukkiriza. "Okuteekebwako emikono."

537 Pawulo n'agamba nti, "Bino byonna tunaabikola Katonda bw'anaayagala. Naye newankubadde ebyo byonna birungi, kati leka tubisse ku bbali, tweyongereyo mu kutuukirira."

538 Kati ekkanisa teyinza kutuukirizibwa kuyita mu bibiina bitambulira ku nkola za buntu. Yeeyongera kuva ku Katonda, lubeerera, oba kwongera kwekutulamu bokka na bokka. Tuteekawo enkomera, ne tweeyawula ku bannaffe, nga tulinga abatalina Kukkiriza. Naye ate bwe tussa ku bbali ebyo eby'olubereberye eby'enjigiriza, ne tweyongerayo mu kutuukirira, obuntu obwo obutonotono bufuuka obutali bwa makulu nnyo.

539 Tuyingira mu nkolagana ey'awamu, era twakiraba nti engeri yokka gye tusobola okutuukirizibwamu kwe kubeera mu Kristo. Era twalaba, okuyita mu kuyigiriza kwa Bayibuli, engeri gye tuyingira mu Kristo; ssi kuyita mu kubatizibwa mu mazzi, ssi kuyita mu kuteekebwaako mikono, ssi kuyita mu kuyigirizibwa. "Naye ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu ne tutuukirizibwa okuyita mu kubonaabona Kwe." Olwo, ne tulabika mu ngeri ya njawulo. Ne tulowooza mu ngeri ya njawulo. Ne tweeyisa mu ngeri ya njawulo. Ne tutambulira mu bulamu nga bwa njawulo. Nga ssi lwa kuba kkatala lye tuteekwa okutuukiriza oba olw'okuba tulina ekkanisa mwe tuli bammemba, naye "olw'okwagala Katonda kw'aba atadde mu mitima gyaffe ku bw'Omwoyo Omutukuvu," okutufuula abagabanira awamu obutuuze mu Bwakabaka bwa Katonda, kati awo waba tewakyali kibiina kya ddiini oba okukugirwa okw'engeri yonna. Ffenna tubeera Mubiri gumu ogw'amaanyi.

540 Kati tuli beetegefu okuyingira mu ky'okuyigako ky'enkya ya leero, mu kaseera katono. Ekintu ekirala kimu kye njagala okwogerako wano, ky'ekyo, awo, Pawulo w'ayogerera mu Kitabo, mu ssuula ey'omu 7, manya, essuula ey'omu 6, tukiraba wano nti tutuukirizibwa mu Kristo. Kati mu lunyiriri olw'e 13 olw'essuula ey'omu 6, nga tugezaako okussaawo omusingi.

> *Kubanga Katonda bwe yasuubiza Ibulayimu, bwe wataali gw'Ayinza kulayira amusinga obukulu, ne yeerayira yekka,*

Katonda yeerayira Yekka, kubanga tewaali amusinga bukulu gwe yali Ayinza kulayira.

541 Kati twagala tuddeyo emabega. Leka tubikkuleko katono mu Abaggalatiya. Mubikkule mu Kitabo ky'Abaggalatiya, mubikkule Abaggalatiya 3:16. Era tugenda kusomako wano katono, ku bye Yalayira.

> *Kati* ekisuubizo *kyagambibwa eri Ibulayimu n'omuzzukulu we. Tayogera nti, N'eri abazzukulu, nga bangi; naye ng'omu,. . .nti n'eri* oyo *omuzzukulu, ye Kristo*.

542 Kati bwe weetegereza obulungi, mukisome n'obwegendereza kati, nga bwe musoma.

> *. . .eri Ibulayimu n'omuzzukulu we* (omu) *ebyasuubizibwa* (mu bungi) *be byagambibwa.*

543 "Ibulayimu n'Ezzadde lye." Kati, Ezzadde lya Ibulayimu lyali limu, nga ye yali Kristo; nga mu kifaananyi, yali Isaaka.

Naye Ibulayimu yalina abaana bangi. Alina gwe yasooka okuzaala nga tannazaala Isaaka, eyali alaga ensobi eyakolebwa olw'obutakkiriza bwa Saala eyayagala Kaana y'aba azaala omwana, nga alowooza nti ye ayitiridde obukadde, mbu Katonda

akyuseemu akikole mu ngeri endala etali gye Yali yasuubiza okukikolamu.

544 Naye Katonda akuuma ekisuubizo Kye. Ne bwe kirabika nga ekitali kya magezi, Katonda avunaanyizibwa eri ekisuubizo Kye. Kati Saala yalowooza nti oba oli awo anaawaayo Kaana, manya, ntegeeza, Agali, omuzaana we, y'aba azaala omwana okuyita mu Ibulayimu, olwo ye alyoke atwale omwana oyo. Era omwana oyo ye Isimayiri, eyamufuukira eriggwa mu mubiri, okuva olwo n'okutuusa leero. Akyali liggwa mu mubiri, kubanga mu ye mwe muva Abawarabu, era lubeerera babadde bwe batyo.

545 Kati, buli mulundi lw'otakkiriza Kigambo kya Katonda ekirabika mu ngeri entangaavu obulungi n'obaako engeri endala gy'otwala, kijja kukufuukira liggwa mu mubiri gwo okuva mu kaseera ako n'okweyongerayo. Twala ekyo kyennyini Katonda kye yayogera. Bw'Aba yakyogera, ekyo kyennyini ky'Ategeeza. O, Erinnya Lye liweebwe omukisa! Ggwe twala Kigambo Kye.

546 Ssi nsonga kiki ekigezaako okukyebalama, mbu, "Naye, Tekitegeereza ddala Ekyo kyennyini." Kiba kitegeeza ekyo kyennyini kye Kigamba, Katonda bw'akola ekisuubizo.

547 Kati bwe twetegereza obulungi.

. . . Ibulayimu n'omuzzukulu we ebisuubizo be. . .

Omu yali Zzadde, limu, ate ebirala byali bisuubizo. Waliwo ebisuubizo ebisukka mu kimu, n'abantu abasukka mu omu abali mu Zzadde lya Ibulayimu. Mukiraba? Waliwo Ezzadde limu, naye nga mu Zzadde lino mulimu abantu bangi. Okiraba? Tebyali bya Ibulayimu yekka, oba eri Isaaka yekka. Naye e. . . Byali eri Ezzadde lya Ibulayimu lyonna. Ebisuubizo byakolebwa eri buli emu ku nsigo ezikola Ezzadde eryo. Mukitegeera?

548 N'olwekyo, naffe, bwe tufiira mu Kristo, okusinziira ku Byawandiikibwa, tufuuka Ezzadde lya Ibulayimu era tuli basika okusinziira ku kisuubizo. Ssi kuyita mu kwegatta ku kkanisa, oba okukwata ebiragiro ebifu, oba—oba n'ebirala nga ebyo. Naye okuyita mu kuzaalibwa Omwoyo wa Kristo, tuli Zzadde lya Ibulayimu, era tuli basika wamu Naye mu Bwakabaka.

549 Kaakati leka tweyongere mu maaso, tusome, kati, tweyongereyo katono tutuuke ku, "Katonda nga akola ekirayiro." Kati olunyiriri olw'e 17 olw'essuula ey'omu 6.

Mu ekyo Katonda, bwe yayagala ennyo. . .

. . . Katonda, nga ayagala okubooleseza *ddala ennyo abasika ab'ekyasuubizibwa okuteesa kwe bwe kutajjulukuka, yakinyweza* na *kirayiro:*

550 Ha, leka tusooke tuwummulemukko eddakikka nga ziizo. "Katonda bwe yayagala ennyo." Ssi lwakuba kyali kimukakatako Ye okukikola, naye yayagala kukikakasa.

551 Kati, twakiraba nti Katonda yafuuka omuntu, n'abeerako gye tuli, n'engeri gye Yeeyolekamu eri ensi. Bwe Yasisinkana omukazi eyali akwatiddwa mu bwenzi, yamugamba nti, "Nange—Nange ssigukusalira. Genda, okusooka leero toyonoonanga lwa kubiri." Bwe Yasisinkana omulwadde, Yakolera ddala nga bwe Yali ateekwa okukola, kubanga Yali Katonda, era bw'atyo omulwadde Ya—Yamuwonya. Yazuukiza abafu. Yasonyiwa ebibi. Omuntu ne bw'aba nga yali mu mbeera embi okwenkana wa, na byenkana wa by'akoze, era nga yaddirira okwenkana wa, era, Yamusonyiwanga, bwe yabanga omwetegefu okujja okusaba okusonyiyibwa.

552 Kati mwekkaanye. Katonda bw'aba nga lumu alina embeera gye yakolako, embeera eyo bw'eddamu n'ebaawo, Ateekwa okukolera ddala nga bwe Yakola omulundi ogwasooka bw'atakikola Aba ssi mwenkanya. Mukiraba? K'obeere nga oyonoonye kyenkana wa, era nga otubidde kyenkana wa mu kibi, Ateekwa okukukolako mu ngeri y'emu gye Yakola omukazi oli omwonoonyi bw'atakikola Aba yakola kikyamu ne ku mulundi guli. Enneeyisa ya Katonda ye Nkula Ye, era enneeyisa Ye eyoleka Enkula Ye.

553 Naawe bw'otyo bw'oli, eneeyisa y'obulamu bwo, eraga kiki ky'oli. Nga bwe twakwata era ne tuyita mu, ky'okuyigako nga kimu oba bibiri bye twakamaliriza, Abamesodisiti baayagala okulaga nti, "Bw'oleekaana, nga omufunye." Abapentekoote ne bagamba nti, "Bw'oyogera mu nnimi, nga omufunye." Ab'enzikiriza ey'Abajugumira ne bagamba nti, "Bw'ojugumira nga omufunye," Abajugumira ab'e Pennsylvania. Naye twakiraba nti bonna bakyamu. Obulamu bwo bwe bulaga oba omulina oba nedda. Obulamu bwo bwe bukakasa kiki ky'oli. Omuntu ategeererwa ku bikolwa bye, na kyonna obulamu bwo kye buli.

554 Mwali muwulidde ku njogera ey'edda egamba nti, "Obulamu bwo bwogerera waggulu nnyo, n'ebigambo by'oyogera ssisobola kubiwulira." N'olwekyo kyonna ky'oli, ky'oli. Obulamu bw'otambuliramu bulaga mwoyo kika ki ogukulimu.

555 Kati osobola okugeegeenya ekintu ekikyamu, manya, munsonyiweko, osobola okugeegeenya ekintu ekituufu. Osobola okugeegeenya okubeera Omukristaayo. Naye nga ebiseera bwe biyita, wajja kujja, akaseera lwe wanaabaawo akanyigo, era kajja kulaga kiki ddala ky'oli. Awasinga obunafu mu lujegere we waba amaanyi gaalwo.

556 Kristo Omwana wa Katonda bwe yagezesebwa, kyalaga kiki kye Yali. Mazima ddala. Bw'onoogezesebwa, kijja kulaga kiki ddala ky'oli. Obulamu bwo lubeerera bw'oleka ky'oli munda. Mu byonna, kakasa nti ebibi byo tebikukwekula. Era ekyo kye tugezaako okugamba.

557 Yesu yagamba, mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 5:24 nti, "Oyo awulira," ssi oyo ajugumira, oba oyo ayogera, naye oyo . . . "Oyo awulira Ekigambo Kyange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo, era talijja mu musango; wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu."

558 Kukkiriza kwo. Kati okukkiriza kwo, kw'oyatula n'emimwa gyo, kuwulirwa abantu abasobola okuwulira, naye obulamu bwo bwa lwatu eri abantu bonna. N'olwekyo, k'ogezeeko otya okukola *kino* n'okukola *kino,* tebirikola. Kiteekwa okuba nga kikulimu. Ekyo kye kinyusi ky'ensonga yonna. Okukkiriza kwo nga ggwe mu Kristo eyazuukira, nga Omulokozi wo; nti Ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, nga akukiikiridde enkya ya leero, nga naawe bw'omukiikirira wano ku nsi nga omujulirwa We. Omujulirwa abeerawo kuyimirira mu kifo ky'omuntu omulala, ayimirire ku lulwo nga omujulirwa. N'olwekyo obulamu bwo bwe bwoleka wano ku nsi obujulizi bwo kye buli mu Kristo, bukyoleka eri ne bukyoleka ne wano. Era naye Ali waggulu eri, nga ekyo ky'Ali ku lulwo, kirabisibwa eri ne wano. N'olwekyo o . . . Olokolebwa, lwa kukkiriza kwo, era kukkiriza kwo kwokka. N'olwekyo, engeri gy'owulira nga waliwo ekikukomyeko, oba embeera ezijja olw'ekikutuuseeko, oba ekyo obusimu bw'omubiri gwo kye buwulira, oba ekintu kyonna, tebirina kakwate na Ye yadde. Kati, ssi . . .

559 Kati, temuntegeera obubi, ne mulowooza nti ssikkiririza mu mbeera zino ezijja bwe wabaawo ekikutuuseeko. Weewaawo nzikkiririzaamu. Naye kye tuliko kati, kye tugezaako okukkatiriza eri abantu b'omulembe guno, kiri nti ensonga enkulu ssi z'embeera zino ezijja nga waliwo ekikutuuseeko. Ebintu ebyo ssetaani abikutte n'awabya abantu, n'abaleetera okwesigamya enkomerero yaabwe ey'Obutaggwaawo ku mbeera ey'engeri emu. Okuleekaana, okwogera mu nnimi, okugenda mu kkanisa buli Ssande, okweeyisa nga Omukristaayo, ebyo byonna tebiriba na kye bigasa ku lunaku luli. "Okuggyako nga omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri." Ate obulamu bwo bwe bwoleka ky'oli munda, okiraba, ssi mbeera zino ezijja nga waliwo ekikutuuseeko.

560 Osobola okubeera n'omusaayi mu ngalo zo, osobola okwogera mu nnimi, osobola okuwonya abalwadde, osobola okusiguukulula ensozi n'okukkiriza kwo, naye era nga tolina kye waabadde. Abakkolinso Ekisooka 13. Okiraba? Kiteekwa kuba kintu ekyabaawo olw'Okuzaalibwa okuva eri Katonda, era Katonda n'aleeta Okuzaalibwa obuggya munda mu ggwe, n'akuwa ekitundu ku Ye. Awo ebintu ebyo we bibeerera ebya nnamaddala. Obeera kitonde kiggya. "Ndibawa obulamu Obutaggwaawo."

561 Twalaba ekigambo "Obutaggwaawo" kye kitegeeza. *Emirembe n'emirembe* kitegeeza "ekiseera ekigere." *Obutaggwaawo* bwa mirembe na mirembe, emirembe

n'emirembe n'emirembe n'emirembe, naye waliwo Obutaggwaawo bwa mulundi gumu gwokka. Era twakiraba nti ofuna Obulamu Obutaggwaawo, era ekigambo ekyo mu lulimi Oluyonaani kiri *Zoe,* ekitegeeza "Obulamu bwa Katonda." Era ofuna ekitundu ku Bulamu bwa Katonda, ekikufuula omwana wa Katonda ow'omwoyo, era obeerera emirembe gyonna nga Katonda bw'abeerera emirembe gyonna. Obeera tolina lw'olikoma, tolina w'okoma, kubanga tolina we watandikira. Ekintu kyonna ekiba n'entandikwa kiba n'enkomerero, naye ekyo ekitalina ntandikwa tekirina nkomerero.

562 Ekigambo ekyo eky'omuwendo nga tukyagala okukamala! Omukristaayo nga asaanye okusimbibwa n'anywezebwa mu kukkiriza okwaweebwa abatukuvu omulundi ogumu, n'atabeera mu kuyuuzibwayuuzibwa, nga bw'ava eno bw'adda eri, nga yeegatta ku makanisa ag'enjawulo. Ekkanisa yonna gy'oyagala okubeeramu tekiyina mutawaana, kasita obeera nga oli Mukristaayo. Naye okusooka kulembeza ekisooka, nga kwe Kuzaalibwa okwo okukufuula ow'olulyo lwa Katonda, nga ne Katonda bwe yafuuka ow'olulyo lwo.

563 Yafuuka ow'olulyo lwo, Asobole okukuzuukiza. Naye nga tannakuzuukiza, Alina okusooka n'akuwa Obulamu Obutaggwaawo. N'olwekyo Katonda yalina okufuuka ow'olulyo lwo, alege ku kufa, okusobola okukuzuukiza. Kati naawe olina okufuuka ow'olulyo Lwe, okusobola okugenda mu kuzuukira. Mulaba kye kiri? Kuwaanyisiganya buwaanyisiganya. Katonda yafuuka ggwe, gwe osobole okufuuka Katonda. Okiraba? Katonda yafuuka kitundu ku ggwe, n'ayambala omubiri, ggwe olw'ekisa Kye osobole okufuuka ekitundu ku Ye, kye kyokka, obeere n'Obulamu Obutaggwaawo.

564 Kifaananyi ekirungi ennyo, era, ha, tukyagala okukamala.

Kati, *Katonda, bwe yayagala ennyo* . . .

565 Kyali tekimwetaagisa kukikola, naye Yayagala akikole. Ndi musanyufu nnyo olw'ekyo, mmwe temuli basanyufu, okuba nti Katonda waffe ayagala? Mulabeeyo. Watya ssinga Te— watya ssinga Teyalina bugumiikiriza obwo obutakeŋŋentererwa? Ebibala by'Omwoyo bye biriwa? Okwagala, essanyu, okukkiriza, emirembe, n'okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa. Ebyo kye kitundu kya Katonda ekiri mu ggwe. Okuba nti musobola okulumirirwa, nga buli omu alumirirwa ku lw'emigugu gya munne. Nga musonyiwagana, nga nammwe Katonda bwe yabasonyiwa ku bwa Kristo. Omwoyo wa Katonda mu ggwe y'akuleetera okubeera bw'otyo. Ekirala Katonda bwe yali wano ku nsi n'afuuka ggwe, yafuuka ekibi, ne kiba nti bwe Yatwala ekibi kyo, yakikwetikkira n'asasula omutango gwaakyo. Katonda agumiikiriza n'okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, nga atulumirirwa ku lw'emigugu gyaffe.

566 N'ekirala Ye Katonda omulungi. Bw'obaako, ne by'oyagala bitambule nga bw'oyagala, okimanyi nti, Katonda mulungi nnyo okutuusa nti asobola okukikola. Ayagala nnyo oku—okukusanyusa. Ayagala oku . . . Ye—Ye kwagala, era okwagala Kwe okw'ekitalo emirundi egimu kumuwaliriza ne yekkakanya, n'akuleka n'ofuna by'oyagala.

567 Laba Tomasi, oluvannyuma lw'okuzuukira. Tomasi yagaana okukkiriza. Ha, alina abaana bangi leero abali nga ye. Naye Tomasi yagamba nti, "Nedda. Nedda. Nteekwa okubaako obukakafu bwe nfuna. Nja kusooka kuteeka ngalo zange mu mbiriizi Ze, ne mu Bye . . . engalo zange mu bibatu Bye, nga ssinnakikkiriza. Ssi, ssifaayo ne bwe mwogera ki." Mulaba, yali bweru wa nkola ya Byawandiikibwa, mu kwogera bw'atyo. Olina kukikkiriza bukkiriza. Kati yagamba nti, "Nteekwa okubaako obukakafu bwe nfuna, okusobola okukikakasa."

568 Yesu n'amulabikira, kuba Ye mulungi n'amugamba, "Jangu, Tomasi, ekyo bw'oba ky'oyagala, tewali buzibu, kiikino. Jangu ofune obukakafu bw'oyagala."

569 Naffe bwe tutyo bwe tuli. Tugamba nti, "Mukama, nnina okwogera mu nnimi. Nni—nnina okuleekaana. Nnina . . . "

570 "O, genda mu maaso, Nja kukukkiriza obifune." Ye mulungi.

571 Kye yava asonseka olugalo lwe mu mbiriizi Ze, n'agamba nti, "Bannange, ddala ye Mukama wange era Katonda wange."

572 Ye kye yava amugamba nti, "Tomasi, kati, okkiriza kubanga olabye n'amaaso. Naye nga balina empeera ennene ennyo abo abatasooka kufuna bukakafu bwonna naye ate ne bakikkiriza!" Kiikyo. Awo we tuteekwa okutuuka. "Nga balina empeera ennene ennyo abo abatasooka kubaako na kye balaba naye ate ne bakikkiriza." Ffe okukikkiriza, kiba kikolwa kya kukkiriza.

573 Kati, nzikiririza mu bubonero okugoberera abakkiriza, naye leka tukulembeze ebirina okusooka. Osobola okuba n'obubonero, nga Kino tokirina. Pawulo yagamba osobola. Yagamba nti, "Nsobola okwogera ennimi z'abantu n'eza Bamalayika; naye nga ssirina kyendi. Nsobola okusiguukulula ensozi n'okukkiriza kwange; naye nga ssirina kyendi. Nsobola okutegeera Bayibuli, ne ntuuka ku ddaala nga ntegeera ebyama bya Katonda byonna; naye nga ssirina kyendi." Mulaba, ekyo kwe kubeera n'ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu, nga tolina Mwoyo Mutukuvu.

574 Omwoyo Omutukuvu ye Katonda. Katonda kwagala, ssanyu, mirembe, kugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, bukkakkamu, bugumiikiriza. Oyo ye Mwoyo wa Katonda. Ekyo Katonda ky'ayimusa mu nnaku ez'oluvannyuma, okuyita mu Mwoyo oyo.

575 Kati, "Nga tayagala . . . "

. . . *Katonda*, bwe yayagala ennyo okubooleseza *ddala abasika ab'ekyasuubizibwa* . . .

. . . *Katonda,* bwe yayagala ennyo . . . okubooleseza . . . *abasika* . . .

Abasika be b'ani? "Ffe, bwe twafiira mu Kristo, twafuuka Zzadde lya Ibulayimu, era tuli basika." Bannange, ekyo kinnyikira mu buziba? Tuli basika ab'Obwakabaka bwa Katonda, okuyita mu kisuubizo ekiriko n'ekirayiro. Katonda kyali tekimwetaagisa kulayira. Ekigambo Kye kituukiridde. Naye Yagattako, n'okulayira, nga Yeerayira, kubanga tewaaliwo amusinga bukulu.

576 Nga bwe tweyongera okusoma, mu kaseera katono, muwulirize.

. . . era *ekisuubizo ky'okuteesa kwe okutajjulukuka, yakinyweeza n'ekirayiro:*

577 "Obutajjulukuka," okuba nti takyukakyuka. Katonda tayinza kukyuka. Alina okusigala kye kimu. Era Katonda bw'aba alina omulwadde gwe yali awonyezza, Tasobola kukyuusa ndowooza Ye. Katonda bw'abaako omwonoonyi gwe yali asonyiye, oba malaaya, Tayinza kukyuusa ndowooza Ye. Obutajjulukuka, obutakyukakyuka bw'Ekigambo kya Katonda. Katonda mu kifo ekimu, yagamba nti, "Nze Mukama Awonya endwadde zammwe zonna." Ekyo Ateekwa okukinywererako, kubanga Ye taliiko kkomo mu kumanya. Yamanya enkomerero okuviira ddala ku ntandikwa.

578 Kati, nsobola okugamba nti, "Nja kukola *kino*." Naye Bayibuli egamba nti, tusaanye okugamba nti, "Mukama bw'anaaba ayagadde." Kubanga, ndi muntu buntu. Ssimanyi. Emirundi egimu mba nnina okumenyawo kye mba njogedde, naye Katonda tayinza kumenyawo ky'aba Ayogedde. Ye Katonda.

579 Era Yatusaba ekintu kimu kyokka, "Bw'oba osobola okukkiriza." O, bannange! "Bw'oba osobola okukkiriza, ebintu byonna biyinzika." "Bw'oba osobola okukkiriza," kye kyokka. Ekibuuzo kiri nti, "Ggwe, bw'oba osobola." Naye Ekigambo kya Katonda tekiriiko kibuuzo kyonna, kubanga, olw'obutajjulukuka Bwe, Tasobola kukyuka. Nga kirungi nnyo!

580 Kati muwulirize, nga bwe tweyongera okusoma.

Olw'ebigambo ebibiri ebitajjulukuka, Katonda by'atayinza kulimbiramu, . . .

Tekisoboka! Okuba nti tekisoboka n'okuba nti tekijjulukuka kyenkana kigambo kye kimu; tekikyuka, tekiseguka. Kirina kusigala nga kye kimu emirembe gyonna. Tekiyinza kukyusibwa, ekitajjulukuka n'ekitasoboka.

Era bibiri, *olw'ebigambo ebibiri ebitajjulukuka, Katonda by'atayinza kulimbiramu,* . . .

"Tulina ebintu bibiri?" Weewaawo. Ekisooka, kye Kigambo Kye kigamba nti Ajja kukikola. Eky'okubiri ky'ekirayiro kye Yalayira, nti Ajja kukikola. Ha, bannange!

581 Tusaanidde kuba bantu ba ngeri ki? Lwaki tuyuuzibwayuuzibwa eno n'eri ne tuzunga nga tuva eno tudda eri, ne tutwala ebintu by'ensi ne tweyisa nga Obukristaayo buno obulongooseemu obwa 1957? Twagala kubeera ba buli obw'enkola eri ey'edda obutwala Katonda nga Ekigambo Kye bwe kiri, ne buyita ebintu ebyo ebitaaliwo, nga ebiriwo. "Katonda bw'aba yakyogera, Ekyo kimala."

582 Ibulayimu, eyaweebwa ekisuubizo, ye n'Ezzadde lye, yayita ebintu ebyo ebitaaliwo, nga ebiriwo. Kubanga, Kyali kisuubizo kya Katonda, era nga akimanyi nti Katonda tasobola kulimba. Yakimusuubiza, era n'akikkiriza. Era emyaka bwe gyagenda giyitawo, ekisuubizo ne kirabika nga ekyali kyeyongerayo ewala, eri amaaso ag'obuntu, eri Ibulayimu kyayongera kusembera kumpi.

583 Mu kifo ky'okunafuwa, n'ogamba nti, "Naye, kirabika bino eby'okuwonyezebwa kwa Katonda tebiriiyo. Ndowooza ka ŋŋende-. . . Kirabika tebiriiyo. Ndabika nnabitegeera bubi." Kati, ekyo kiraga ekintu kimu, nti tozaalibwanga mulundi gwa kubiri. "Kubanga teki. . . "

584 Twakiyitamu Ssande ewedde, kiri mabegako mu ssuula y'emu eno. "Kubanga tekiyinzika eri omuntu eyalega ku birabo eby'omu Ggulu n'ebintu ebirala, bw'agwa n'abivaamu, omuntu oyo tekiyinzika kwezza buggya nate olw'okwenenya." Mazima ddala, tekiyinzika n'akatono!

> Kubanga oyo *azaalibwa Katonda* tayonoona era tasobola *kwonoona; kubanga* ensigo ya Katonda ebeerera *mu ye: era tasobola kwonoona,* . . .

Ensigo ya Katonda kye Kigambo kya Katonda. "Okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira, okuwulira Ekigambo nti, 'Ssaddaaka yakolebwa. Buli kimu kyaggwa.'"

585 Kati, bw'osobya, Katonda ajja kukuleetera okukisasulira. Naye bw'osobya, n'oba mu nsobi, tokikola kagenderere. Essuula ey'e 10, nzikiriza, olunyiriri olw'a 47 wagamba nti, "Kubanga bwe tugenderera okwonoona nga tumaze okuweebwa okutegeera Amazima." Naye bw'omala Okuzaalibwa, obeera olina Amazima; obeera togategeera butegeezi kyokka, naye obeera okkirizza Amazima era nga Gafuuse ekya nnamaddala. Era oli mwana wa Katonda, okuyita mu biseera ne mu Butaggwaawo. Katonda yalayira nti Alikikola.

586 Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era Ndimuzuukiza ku lunaku olw'oluvannyuma. Talijja mu Musango. Aba avudde mu kufa okutuuka mu

Bulamu." Kati wamu n'ekirayiro ekifaanana bwe kityo, "Katonda nga ayagala tubufune."

587 Kati weetegereze ky'ayogera wano, Pawulo nga ayogera eri—eri ekkanisa.

> . . . nti *Katonda by'atayinza kulimbiramu,* tusaanye *tubeere n'ekitugumya ekinywevu,* . . .

Si kuwoza mbu, "Kati nno, Ababaputisiti bwe batankwata bulungi, nja kugenda mu Bamesodisiti." Okiraba?

> . . . *ffe* tubeere *n'ekitugumya ekinywevu, ffe* abadduka *okunoonya ekyekwekero okunyweza essuubi eryateekebwa mu maaso gaffe:*

588 Kati we tukomye okusoma.

> *Essuubi lye tulina nga essika ery'obulamu,* . . .
>
> *Essuubi,* ekirayiro Katonda kye yalayira, *lye tulina nga essika ery'obulamu, eritabuusibwabuusibwa era erinywevu, era eriyingira munda w'eggigi;*

589 Ka twogereko katono ku "ggigi." Tetwafuna budde kulyogerako bulungi akawungeezi ka Ssande eri ewedde.

590 "Mu ggigi." Eggigi gwe mubiri. Eggigi lye lituziyiza okulaba Katonda, maaso ku maaso, mu kkanisa eno. Eggigi lye lituziyiza okulaba Bamalayika nga bali mu bifo byabwe enkya ya leero, nga bayimiridde ku mabbali g'entebe kwe tutudde. Eggigi lye lituziyiza okumulaba. Tukwekeddwa emabega w'eggigi, era eggigi eryo gwe mubiri. Tuli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, tuli mu Kubeerawo kwa Katonda, "Bamalayika ba Katonda basiisira okwetoloola abo abamutya." Tuli mu Kubeerawo kwa Katonda, ekiseera kyonna. "Ssiribaleka, newankubadde okubaabulira. Nnaabeeranga naamwe bulijjo, okutuuka ku nkomerero." Naye eggigi gwe mubiri, gwe gutukuumira wabweru w'Okubeerawo Kwe. Naye okuyita mu mmeeme, Omwoyo, olw'okukkiriza kwaffe tukimanyi nti Atulaba. Ayimiridde kumpi naffe. Ali wano kati.

591 Emmanga e Dosani, ku makya agamu, nnabbi omu omukadde yali yeetooloddwa eggye bw'atyo omuddu we n'afuluma wabweru n'agamba nti, "O kitange, eggwanga lyonna lyetooloddwa abalabe."

592 Eriya n'asituka, n'amugamba nti, "Nedda, mutabani, abali ku lwaffe bangi okusinga abali ku lwabwe."

593 Bambi, musajja wattu n'agezaako okutemya n'atunulatunula. Naye nga talina ky'alaba.

594 Nnabbi kye yava agamba nti, "Ayi Katonda, nkusaba ozibule amaaso ge, ggyawo eggigi." Era eggigi bwe lyaggyibwa ku maaso ge, agenda okwetoolooza amaaso ati nga nnabbi oyo omukadde yeetooloddwa amagaali ag'omuliro, nga ensozi zijjuddeko Omuliro ne Bamalayika n'amagaali. Kiikyo.

595 O, awo Gekazi n'agamba nti, "Kati—kati nkitegedde." Olaba, eggigi lyaggyibwawo. Ekyo kye kiziyiza.

596 Kiikino. Mukinywereze ddala. Eggigi lye lituziyiza okutambulira mu bulamu bwe tusaanye okutambuliramu. Eggigi lye lituziyiza okukola bye twagala okukola. Era Katonda yeekweka mu ggigi ly'omubiri, eggigi ne liyulikamu wabiri. Era Katonda n'addamu n'aba Katonda, n'Azuukiza eggigi mwe Yali Yeekwese. Okwo kwe kuzuukira kwa Mukama waffe Yesu. Nga atukakasa nti, mu ggigi lino kaakano mwe tukwekeddwa, olw'okukkiriza tukikkiriza era ne tukisembeza. Era eggigi *lino* bwe liryabuluzibwamu wabiri, ndiyingira mu Kubeerawo Kwe n'obukakafu buno, nga mmanyi nti, "Mmumanyi mu maanyi ag'okuzuukira Kwe." Mu Kujja kwa Mukama waffe Yesu, eggigi lino lirizuukizibwa nate, mu ngeri etuukiridde, okutuusa nti nditambula era ne njogera Naye nga Omulokozi wange era Katonda wange, bw'Alitwala entebe ya Dawudi. Era tuliba balamu emirembe n'emirembe mu ggigi lino nga limaze okutuukirizibwa, naye mu kaseera kano eggigi lino lirimu ekibi. Ssi nsonga . . . Tolowoozanga ku mubiri guli ogugulumiziddwa nga okyali mu nsi eno. Guno gulina okusooka okufa, mu ngeri y'emu nga n'emmeeme yo bw'erina okufa, okusobola okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.

597 Okutuukirira, tekujja lwa kubaako bika bya nnyama by'otalya, na kukola *bino*, na kutuukiriza omubiri, okutuukirira tolikufuna. Nti olina okulekayo *kino,* okole *kino,* okole ne *kino,* okole na *kino*, ago mateeka. Ebyo by'abo abafugibwa amateeka. Tetukkiririza mu bulokozi obuva mu kukwata amateeka. Tukikkiriza nti twalokolebwa lwa kisa. Era ssi ggwe wakikola. Tokirinaamu mukono yadde. Wabula kulondebwa kwa Katonda kwe kukikola. "Tewali muntu ayinza kujja Gyendi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde." Bwe kiri. Era Ye . . . Yesu kyokka kye yajja okukola kwe kufuna abo Kitaffe be yamanya edda; era n'abaawula nga n'ensi tennatondebwa okufuuka abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Amiina. "Ssi oyo adduka, oba oyo ayagala, wabula Katonda y'asaasira." Katonda y'akikola. Tosobola kwenyumiriza, n'akatono. Tewali kintu n'ekimu kye wakola. Katonda, olw'ekisa, ye yakulokola; ssi ggwe, weerokola. Ssinga gwe wali weerokola, wandibadde n'eky'okwenyumiriza. Naye tolina kya kwenyumiririzaamu kyonna. Ettendo lyonna lidda gy'Ali. Ye y'akikola. Kati Akuwadde essuubi eritabuusibwabuusibwa nti, "Yalayira n'ekirayiro, nti tekisoboka n'akatono abaana Be okubula."

598 Kati, babonerezebwa bwe basobya. Ky'osiga ky'okungula. Ekyo mukitegeere. Kati tolowooza nti ojja kugenda omale goonoona, oleme kubonerezebwa. Bw'okikola, ne ndowooza bw'etyo nti tojja kubonerezebwa, kiraga nti tozaalibwanga mulundi gwa kubiri. Mukifuna? Bw'obeera nga mu ggwe okyalinamu okuyaayaana, okw'okukola ebikyamu, kitegeeza

okyali mukyamu. Okiraba? "Kubanga Yatuukiriza, emirembe gyonna, abo aba . . . N'ebisolo biri eby'omu Ndagaano Enkadde, mu nnaku z'amateeka, ebyaweebwangayo buli mwaka, bulijjo, tebyayinza kuggyawo kibi." Naye bwe tuteeka emikono gyaffe ku mutwe Gwe, ne twatula ebibi byaffe ne tuzaalibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo wa Katonda, tetusigaza kuyaayaana kwonna kwa kibi. Ekibi obeera oyawukanye nakyo. Mu biseera bino ne mu Butaggwaawo.

599 Ojja kukola ensobi. Ojja kugwa. Ojja kukola ebikyamu nga obigenderedde. Emirundi egimu ojja kugenda obeeko ebintu by'okola. Ekyo tekitegeeza nti obeera obuze. Ekyo kitegeeza nti ogenda kugololwa.

600 Katabani kange, emirundi mingi, abaana bange, balina ebintu bye bakola. N'abammwe, babikola. Nga o . . . Babeera bakimanyi bulungi nti bikontana ne—n'ebiragiro byo. Era babeera bamanyi bulungi kiki ekiddirira bwe babikola. Babeera bajja kubonerezebwa olw'ebyo bye babeera bakoze, oluusi okubonerezebwa kwennyini. Naye asigala mwana wo. Mazima ddala.

601 Tekiyinzika n'akatono omuntu oyo okuddamu okubula, eyazaalibwa Obulamu Obutaggwaawo. Katonda tagaba nga Muyindi kugaba nga agabulula. "Oyo awulira Ebigambo Byange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe; era talijja mu Musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu. Ndimuzuukiza mu nnaku ez'enkomerero." Ekyo kye kisuubizo kya Katonda.

602 Kati bw'ogenda mu maaso, n'ogamba nti, "Ha, kale, kitegeeza ne bwe nkola kyonna . . . " Bulijjo nkola ekyo kye njagala okukola. Naye bw'oba oli Mukristaayo, tojja kwagala kukola kintu kikyamu, olw'Obulamu bwennyini obukulimu, omusingi gwennyini. Bw'oyagala okukola ekikyamu, kiraga nti munda *muno* mulimu ekikyamu. "Amazzi agakaawa n'agawooma gayinza gatya okuva mu nsulo y'emu?"

603 Oli awo wenna watabulwatabulwa n'okukyamuukirira okw'engeri emu kwe wafuna, oba enneewulira *ey'engeri emu* ey'ekitalo gye wawulira: Ebyo byerabire! Ddayo ku wolutaali ogambe nti, "Ayi Katonda, nzigyaamu obulamu bwange obukadde obw'okwonoona, onteeke mu mbeera okuyaayaana kwange kwonna we kunaabeera . . . "

"Oyo azaalibwa Katonda tayonoona." Ekyo kituufu. Mu ye temuli kuyaayaana kwa kwonoona.

604 Kituufu, ssetaani ajja kumutega emitego *wano* ne *wali*, naye tajja kukikola kagenderere. Bayibuli bw'egamba. Ssetaani ajja kumutega emitego, entakera. Ddala, ajja kukikola. Yagezaako okutega Mukama waffe Yesu emitego. Yakikola Musa, n'amukwasa. Yakikola Peetero, n'amukwasa. Yakikola

bangi, naye. . . Peetero n'okumwegaana yamwegaana, naye oluvannyuma yagenda n'akaaba nnyo. Waaliwo Ekintu mu ye.

605 Ejjiba bwe lyateebwa okuva mu kyombo. . . Nnamuŋŋoona bwe yafuluma, yasooka n'akaabirako kumpimpi awo. Bwe yali mu kyombo teyalina buzibu bwonna, naye olwafuluma ati, obutonde bwe ne bweraga nga bwa njawulo. Yali asobola okulya buli kifu kyonna ky'ayagala, n'akkutta. Lwaki? Yali nnamuŋŋoona, okusooka kwa byonna. Yali kinyonyi ekirya ebifudde. Teyaliimu kalungi konna. Yali munnanfuusi eyali atudde mu kisu kye kimu n'ejjiba, nga yenkana n'ejjiba. Yabuukanga n'atuuka buli wamu wonna ejjiba we lyatuukanga. Naye nga asobola okulya emmere ennungi nga ejjiba gye lirya. Nga asobola n'okulya emmere envundu, ejjiba gye litasobola kulya. Kubanga, ekikula ky'ejjiba kya njawulo. Lyakolebwa mu ngeri ya njawulo. Lyo jjiba. Ate ejjiba terisobola kumulungula mmere nvundu, kubanga teririna kalulwe.

606 N'omuntu azaalibwa Omwoyo wa Katonda afuuka jjiba lya Katonda, obutonde bwe, okukyusibwa kwe, n'engeri gye yakolebwa. Yee, ssebo. Gwe ddira omwoyo we—w'ejjiba omuteeke mu nnamuŋŋoona, taliddamu kukka ku mutulumbi gwa nnyama gwonna. Ssinga agukkako mu butanwa, abuukirawo bunnambiro n'avaawo. Aba tayinza kukigumiikiriza. Bw'atyo n'omuntu azaaliddwa Omwoyo wa Katonda, naye takigumiikiriza. Ayinza okwesanga nga ali mu bbaala, naye ajja kufulumayo mu bwangu obw'ekitalo. Omukazi ayinza okumusikiriza, n'amuleetera okukyuka amutunuulire, naye ajja kukyusa mangu omutwe gwe aguggyeyo. Ajja kudduka aveewo mu bwangu ddala. Lwaki? Kubanga jjiba. Ekyo kituufu. Toyinza kumukwata bujega, kubanga akimanyi bulungi. "Endiga zange zimanyi Eddoboozi Lyange, era omugenyi tezimugoberera." Abeera jjiba, okusookera ddala. Kati ekyo kye njogerako, ekintu ekya nnamaddala ekinywedde munda muli.

607 Kati mwetegereze bulungi. "Katonda yalayira." O, nga. . .

> *Essuubi lye tulina ng'essika ery'obulamu, . . . erinywevu, eriyingira mu—munda w'eggigi;*

608 "Eggigi." Katonda yakka, nga yeekwese emabega w'eggigi ly'omubiri. Okusobola okukola ki? Okweyoleka ky'Ali. Yalina okwekweka, kubanga twali tetusobola kumutunulako. Kye Yava yekweka emabega w'eggigi. Era eggigi eryo yali Ani? Yesu. "Si Nze nkola emirimu gino, wabula Kitange," Yesu bwe yagamba. "Kitange abeera mu Nze. Nkola. Kitange akola, olwo Nange ne nkola." Wuuno wano nga Oyo abikkiddwa eggigi, nga atambula mu mubiri, Katonda, Emmanweri, Katonda ali naffe. "Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali." Wuuno wano, nga atambula.

609 Kati, Yakka wansi n'akola okutukuzibwa, oba n'ateekawo ekkubo, oba omutango, gwe yawaayo okuyita mu kufa Kwe, n'asasula omuwendo gw'ekibi, Asobole okukomawo abeere mu ffe. Kati okukkiriza kwe tulina ku—kukkiriza okubikkiddwa eggigi, oba omuntu abikkiddwa eggigi. N'olwekyo tetutunuulira bintu bye tulaba na maaso mu ggigi lino. Eggigi lirimu obuyigirize, lirina bye likola ne bye lyogera. Litambulira ku ssaayansi. Naye Omwoyo wa Katonda omulamu oyo atuula munda muno, ayita ebintu ebyo ebitaliiwo, nga ebiriwo, Katonda bw'akyogera. Eryo ly'eggigi mw'oli. Tuli mu ggigi.

610 Kati, eggigi lino lumu Alirizuukiza, nga terizaalibwa mukazi okuyita mu kwegomba okw'okwegatta kw'omusajja n'omukazi, wabula olw'okwagala kwa Katonda Alyogera ne libaawo. Olwo tulibeera n'omubiri nga omubiri Gwe ogw'ekitiibwa. Tulibikkibwako eggigi, tusobole okwogera ne bannaffe, era tukwataganeko mu ngalo.

611 Kati, bwe tuva wano, waliwo ensiisira, omubiri ogw'omwoyo, oguli mu kifaananyi ky'omuntu kyennyini, ogutalya, ogutanywa, oguteebaka, ogubeera nga gutunula emirembe gyonna. Ogwo gwe tugendamu. Naye balindiridde wansi w'Ekyoto, nga bakaaba babuuza nti, "Mukama, kiseera kyenkana wa ekisigadde? Kiseera kyenkana wa ekisigadde?" okukomawo. Kubanga, baagala kukwataganako mu ngalo. Baagala kutuulako wamu balye, banyumyemu. Bantu. Erinnya lya Mukama lyebazibwe!

612 Katonda bwe yakola omuntu mu kifaananyi Kye ku lubereberye, bw'atyo bwe Yamukola. Omuntu yassanga kimu ne munne, kubanga tumanyiganye. Twagala engeri Katonda gye yatukolamu, kubanga bwe tutyo bwe twakolebwa. Mu Kujja Kwe okukulu, abo abaliba beetegese balibeera bwe batyo emirembe gyonna. Nga twambadde obutafa, tuliyimirira nga tufaanana nga Ye. O, lyebazibwe Erinnya eryo erya Kristo!

613 Naye mu kiseera kino tulina omusingo gw'obulokozi bwaffe, bwe tumukkiriza nga Omulokozi waffe, era nga Omuwonya waffe. Bino byonna gwe muwendo ogusasulwa, manyanga, gy'emiganyulo egisasulwa ku yinsuwalensi. Amiina. Yinsuwalensi mugimanyi. Osobola okubaako emiganyulo gy'ofuna okutuusa w'otuukira ku mutemwa guli gwennyini. Mazima ddala. Osobola okubaako emiganyulo gy'ofuna. Kati naffe tuli mu kunyumirwa miganyulo. Enjawulo yokka eriwo, eri nti, buli lwe tujjayo emiganyulo, nga omuwendo omukulu guddamu gweyongera okugejja.

614 Atunda yinsuwalensi, lumu, yaŋŋamba nti, "Billy, njagala kukuguza yinsuwalensi."

Ne mmugamba nti, "Njirina." Mukyala wange n'akyuka n'antunuulira.

615 Kati, yinsuwalensi teriimu kabi konna. Naye abantu abamu "baavu lwa kusasula yinsuwalensi." Kati, ne bakyuuka. Omusajja n'agamba . . .

616 Mukyala wange n'antunuulira, nga yeewuunya, "Olina yinsuwalensi?"

617 Ne ŋŋamba nti, "Ngirina." Kye nnali njogerako yali takitegeera.

618 Omusajja kwe kumbuuza nti, "Naye, Billy, yinsuwalensi ki gy'olina?"

619 Ne ŋŋamba nti:

> Bukakafu bwa mukisa, okuba nti Yesu wange!
> O, nga kulegako kulungi ku kitiibwa kya Katonda!
> Ndi musika wa bulokozi, eyagulibwa Katonda,
> Nnazaalibwa Omwoyo We, era nnanaazibwa n'Omusaayi Gwe.

620 N'agamba nti, "Eyo yinsuwa nnungi nnyo, Billy," n'agamba, "naye eyo terisobola kukola ku ntegeka za kukuziika mu ntaana."

621 Ne ŋŋamba nti, "Naye Erinzigyayo. Ekyo kye kikulu." Sseeraliikirira ku kya kugendayo; nneeraliikirira ku kya kuvaayo.

622 Era nga bwe nnina obukakafu, olw'ekirayiro kya Katonda Ataggwaawo, nti Alinzuukiza nate mu kifaananyi ky'Omwana We, ku lunaku olw'enkomerero, nja kutambula n'obuvumu nga nnina ekiŋŋumya n'essika mu mmeeeme yange, nti, nga ndi mu ggigi lino waliwo Ekintu ekitalabika ekinnyweerezza ku Lwazi olw'edda n'edda oluli emitala eri. Amazzi ne bwe gabimba ne gayira, tekirina kye kikyusa n'akatono. Oba kufa, oba kulaba nnaku, oba ekintu kyonna, tebiyinza kutwawukanya na kwagala kwa Katonda. Essika lyange linyweredde mu ggigi. Amataba ka gajje. Ka gakube. Abatakkiriza ka bajje. Omukkiriza eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri alina essika. Mu kiseera kino tosobola kulaba nga osinziira mu ggigi lino. Naye mmanyi essika lyange linyweredde mu Lwazi olw'edda n'edda, Oyo eyakola ekisuubizo ekiriko ekirayiro nti Alinzuukiza ku lunaku olw'enkomerero.

623 Ky'ova olaba osobola okutunula okufa mu mmunye, n'okubuuza nti, "Empiso yo eri luuyi wa? Ggwe amagombe, obuwanguzi bwo buli wa? Naye Katonda yeebazibwe Oyo atuwa obuwanguzi okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo."

Omwo nga *omukulembeze* . . .

O, bannange! Tetugenda kutandika ku kyakuyigako.

Mwe yayingira nga omukulembeze . . . ku lwaffe

624 Omukulembeze. Mwali mwetegerezza, mu nnaku ziri ez'edda mu bugwanjuba eyo (Emirundi mingi mpiseeko mu bukubo obw'edda.), omukulembeze, oba omusikawutu? Abaabanga mu kyana ky'eggaali y'omukka bwe baali bafa enkalamata, olw'obutaba na mazzi, omusikawutu yadduka n'agenda mu maaso. N'alaba amawanga g'Abayindi bannansangwa; n'abayitako. Okutuuka lwe yalabanga awali ensulo y'amazzi. N'adduka n'addayo n'ategeeza akulira ekyana ky'eggaali y'omukka ekyo n'amugamba nti, "Mwongeremu ku misinde gy'embalaasi, buli muntu addemu amaanyi, kubanga oluba okuvvuunuka oti olusozi waliyo ensulo y'amazzi ennene." Oyo ye mukulembeze.

625 Kati ne wano, waliwo Omukulembeze. Lumu omuntu ssetaani yali amunywezezza, nga amusindirira amasasi nga talina we yeekyusiza, naye Omuntu omu n'ajja n'awamba enfo emmundu eyo sseruwandula masasi mwe yali. Oyo ye Yesu. Omukulembeze yatukulemberamu dda mu maaso. Ssetaani yali ayimiridde awo n'emmundu sseruwandula masasi, nga atusindirira amasasi nga tetulina we twekyusiza, nga lubeerera tutambulira mu busibe n'okutya okufa. Yali akuuma Ensulo eyo. Weewaawo, yali agikuuma. Yali yaweebwa omulimu gw'okugikuuma, kubanga twali twayonoona ne tugobebwa tuleme kuddamu kugisemberera. Naye Omukulembeze, Kristo, yajja enfo n'agiwamba.

626 Mwali muwulidde ku luyimba olwo olw'edda olugamba nti, "Mukuume enkambi, kubanga nzija"? Mukuume enkambi, tewaba; ekigiwamba kyonna. Tekikyatwetaagisa kugikuuma. Kristo enkambi yagyezza. Aleruuya! Oluggi luggule. "Waliwo Ensulo enzigule mu nnyumba ya Katonda, mu kibuga kya Dawudi, okulongoosa, olw'okulongoosa abo abatali balongoofu." Omukulembeze waffe yatukulemberamu dda n'ayingirayo ku lwaffe.

627 Omukulembeze, Atugamba nti, "Waliwo ekifo emitala, eri, gye mutalikaddiyira." Awataliba nkanyanya, gy'otalyetaaga kwesiiga bya kwewunda bya kampuni ya Max Factor okusobola okulabika obulungi eri balo. Omukulembeze yatukulemberamu dda n'agendayo. Ssi kifo gy'olikaddiyira n'oyenjebuka n'otuuka n'okujugumira. Kifo gy'otalirwalira. Omwana omuwere gy'atalirumwa bwoka. Gy'otalikuulamu linnyo ekkole obukozi, manyanga, gy'otalikuulamu linnyo lyo, kufunamu linnyo ekkole obukozi. Aleruuya! O, Erinnya Lye lyebazibwe! Yayingirayo, era naffe nga twambadde obutafa lumu tuliyimirira eyo, mu kifaananyi Kye. Balyakaayakana okukira emmunyeenye. Mazima ddala. Omukulembeze yatukulemberamu dda mu maaso.

> . . . *omukulembeze* yagenda, *yayingirayo ku lwaffe, ye Yesu, bwe yafuuka kabona asinga obukulu emirembe gyonna ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri.*

628 Omukulembeze ono omukulu ennyo yatukulemberamu, n'atukolera ekkubo. Yava mu kubeera Omwoyo, ensulo za musoke wa Katonda ez'ekitalo, Oyo ataalina ntandikwa wadde enkomerero. Yali, Katonda, emirembe gyonna.

Waavaayo ekitangaala Kino. Kyali kitangaala kya kwagala, ekyo kye kikulu mu byonna, nga kya langi mmyufu. Ne kuddako ekya langi egoberera eyo, nga y'eya bbululu; bbululu, ategeeza mazima. Ekyaddako, ne wajja langi ziri endala zonna, okuyita mu langi omusanvu ezituukiridde nga gye myoyo omusanvu egya Katonda, egyava mu Nsulo eri ey'ekitalo oba mu Alimansi eri enkulu Yesu gye yayogerako. Alimansi eyo enkulu yannojjolwako obupapajjo, asobole okwolesa langi zino. Katonda yafuuka omuntu n'abeerako gye tuli, asobole okwolesa obulungi Bwe n'okusaasira mu makkati gaffe, okuyita mu birabo n'obubonero n'ebyewuunyo. Musoke oyo omunene yali afuuse Omubiri ogw'omwoyo, ogwali, gukoleddwa mu kifaananyi nga eky'omuntu, naye teyali muntu, Yali tannafuna mubiri gwa muntu, Yali Mubiri ogw'enkula ey'omwoyo.

629 Musa yamugamba nti, "Njagala kkulabako." Katonda n'amukweka mu lwazi.

630 Bwe Yayitawo, n'Akyuka n'Amukuba amabega. Musa n'agamba nti, "Gwali gulabika nga omugongo gw'omuntu."

631 Kati oluvannyuma kiki ekyabaawo? Lumu emmanga eri, Ibulayimu bwe yali atudde mu weema ye. Tujja kukituukako, akawungeezi. Ibulayimu yali atudde mu weema ye, Katonda n'ajja gy'ali, mu mubiri gw'omuntu.

"Ha," oyinza okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, yali. . . "

632 Tugenda kumulaba wano wennyini nga asisinkana Ibulayimu nga ekyo tekinnabaawo, mu ngeri ya Merukizeddeeki, mu mubiri ogw'omuntu, eyali Katonda. Weewaawo, yali ye. Yali Katonda mu mubiri.

633 Oyinza okumbuuza nti, "Kaakati, Ow'oluganda Branham, kiki ate ekyamukomyawo azaalibwe?"

634 Ku mulundi ogwo teyazaalibwa. Wabula Yatonda butonzi, omubiri mwe Yatuula. Merukizeddeeki yali Kabaka w'e Ssaalemi, nga kitegeeza nti Kabaka wa Yerusaalemi, nga ye Kabaka ow'emirembe; ataalina kitaawe newankubadde nnyina, ataalina ntandikwa newankubadde enkomerero y'obulamu.

Yesu yalina kitaawe ne nnyina, era yalina entandikwa n'enkomerero y'obulamu. Naye Yakolebwa "nga engeri ya" Merukizeddeeki, ataalina ntandikwa newankubadde enkomerero y'obulamu.

635 Merukizeddeeki yali Katonda Yennyini. Merukizeddeeki yali Yakuwa Katonda, y'Omu eyasisinkana Ibulayimu, nga wayiseewo emyaka, mu maaso ga weema ye. Eyamukuba

omugongo; n'Amubuuza nti, "Saala lwaki asese?" Bwe kiri. Ye yayimirira awo, n'alengera e Sodoma. Ibulayimu yamutegeera, kubanga munda mu ggigi lye mwalimu essika eryali linywezezza ekisuubizo ekyo. Ssi lwakuba yalina okukyamuukirira okw'engeri emu, wabula Katonda yali yamuwa ekisuubizo. Era bwe yasisinkana magineeti eyo enkulu, yakitegeera nti Yali mu mubiri ogwo.

636 N'atambulako ne Ibulayimu, ne basenvula ebigere nga biibyo. N'agamba Ibulayimu. Ne yeebuuza nti, "Ddala nnyinza Ntya, okukisa Ibulayimu ebintu bino, nga ate y'ow'okusikira ensi? Ssiyinza kubimukisa." Kye yava agamba nti, "Ibulayimu, leka nkubuulire ekindeese era kye Nzize okukola," tujja kukikwatako akawungeezi, "emmanga eri mu Sodoma," n'amugamba byonna bye baali bagenda okukola. Era olwali okuwa Ibulayimu omukisa bw'ati, n'abula n'Addayo mu bbanga. Omusajja eyayimirira awo nga yenna ajjudde enfuufu ku ngoye Ze, Omusajja. Ssi ekyo kyokka, naye Yalya n'ennyama y'ennyana Ibulayimu gye yatta, n'anywa n'amata g'ente, n'alya n'obugaati (obugaati obukoleddwa mu ŋŋaano), nga busiigiddwaako ne siyaagi. Ekyo kituufu ddala. Oluvannyuma lw'ebyo byonna n'addayo mu Mubiri guli ogw'omwoyo nate era.

637 Kyali kiki ekyo? Lwaki teyakikola mu kiseera ekyo? Yali tannazaalibwa nga ggwe nange. Naye Yalina okuzaalibwa mu mubiri, Asobole okukwata empiso eyo. Ogwo gwali mubiri ogwatondebwa obutondebwa. Ogwo gwali mubiri gwe Yatoola ekirungo kya kalisiyaamu n'ekya potashi okuva mu ttaka, n'agukola n'agufuuwamu omukka be, "Wuuu," n'aguyingiramu. Kye kintu kye kimu ne Merukizeddeeki kye yali. Yamuyingiramu, mu mubiri gwe Yali asobola okutambuliramu mu maaso ge nga ali mabega w'eggigi, eggigi Lye yeetondedde Ye kennyini; ssi eggigi eritondeddwa omukazi, okuyita mu nda y'omukazi, okuyita mu—mu katoffaali k'omubiri, nedda. Naye guno Ye yagwetondera olwamala n'aguyingiramu, n'agwogereramu, mu ngeri ya Merukizeddeeki.

638 Merukizeddeeki oyo y'ani?

> *Kubanga Merukizeddeeki oyo, kabaka w'e Ssaalemi,* (eyo ye Yerusaalemi), omulangira *wa Katonda ali waggulu ennyo,* (mazima ddala), *eyasisinkana Ibulayimu ng'akomawo ng'ava okutta bakabaka, n'amusabira omukisa;*
>
> *Era Ibulayimu gwe* yagabira *ekitundu eky'ekkumi ekya byonna; eky'olubereberye mu kutegeezebwa Kabaka wa butuukirivu,* (eyali okwagala kuli okukulu, Omwoyo oli omukulu ow'ekitalo mu lubereberye)... *Kabaka wa butuukirivu,...era oluvannyuma lw'ekyo...Kabaka w'e Ssaalemi, nga,* ye *Kabaka ow'emirembe;*

Atalina kitaawe, atalina nnyina, atalina bajjajjaabe, atalina lunaku lwe yasookerako, wadde enkomerero *y'obulamu;* . . .

639 Yali ani? Teyazaalibwa, Talifa. Y'ani? Yali Katonda, mazima ddala, yali ye, mu kisiikirize ekyoleka Mukama waffe Yesu. Weewaawo yali ye. Naye Yalina okujja okuyita mu mukazi, mu ngeri y'emu nga naawe bwe wajja okuyita mu mukazi. N'olw'ensonga eyo Yalina okujja mu ngeri y'emu nga naawe bwe wajja, okusobola okukukomyawo gy'Ali. Aleruuya!

Ekisa ekyewuunyisa! nga ddoboozi ddungi nnyo,
Ekyalokola omubi, omuzibe w'amaaso atalina bw'ali nga nze!
Lumu nnali nnabula, naye kati nnazaawulwa, olw'ekisa Kye,
Nnali muzibe, naye kati ndaba.

640 Ntegeera kye Yalina okukola. Katonda yafuuka nze, nze olw'ekisa nsobole okufuuka Ye. Yatwala ebibi byange, kibeere nti okuyita mu butuukirivu Bwe nze nsobole okuba n'Obulamu Obutaggwaawo. Nnali sisobola kweronda. Obutonde bwange nnali mwonoonyi. Ssaakirinaako kakwate konna. Nnali "nnazaalibwa nsi, ne mmumbimbwa mu bujeemu, ne nzija mu nsi nga njogera bulimba." Ssaalina kakisa konna, yadde; ssaalina, ka kubeere okuyaayaana ssaakulina.

641 Gamba embizzi nti "okola kikyamu, okulya ebicaafu," osobola? Olabe oba enaakuwuliriza. Gamba nnamuŋŋoona nti "okola kikyamu, okulya ennyama y'omutulumbi," olabe ky'anaakugamba. Ssinga abadde asobola okwogera yandikugambye nti, "Fa ku bikukwatako." Mazima ddala.

642 O, naye ekisa kya Katonda ekyakyusa obutonde buno, ne kimpa omukisa okuyaayaana n'okwegomba n'okulumwa ennyonta, "Ekisa Kyo kinsingira obulamu, Ayi Katonda. Omutima gwange gunaakuyaayaaniranga."

643 Dawudi n'agamba nti, "Nga empeewo bw'ewejjawejja olw'amazzi, n'emmeeme yange bw'ewejjawejja ku Lulwo, Ai Katonda."

644 Ennyonta eyo Katonda yagiwa omuntu, asobole okumusinza, okumwagala, n'okumunoonya. Naye omuntu agikyamya olw'okuwugulwa ssetaani, n'adda mu kwegomba abakazi, n'ebinyumu n'ebintu by'ensi, nga agezaako okumatiza ekyamutondebwamu ekyo ekitukuvu Katonda kye yamuteekamu, okumwagala. N'akiteeka ku bintu by'ensi. Naye, ow'oluganda, bw'akyusibwa, ensulo eyo ebaddemu obukulwe, ne—n'ebicaafu ebya buli ngeri ebibeera mu ttanka, nga byonna birongooseddwa ne biggyibwamu obuwuka bwonna ne buttibwa, Amazzi ga Katonda amalongoofu ne gateekebwamu, ennyonta eyo ekibi kiba tekikyasobola kugituukako. Amiina.

O nga mmwagala nnyo! Nga mmusuuta nnyo!
Ye Bulamu bwange, ye Musana gwange, ye Byonna mu Byonna gyendi!
Omutonzi ow'ekitalo yafuuka Omulokozi wange,
Era obujjuvu bwa Katonda bwonna buli mu Ye.

Yakka okuva mu kitiibwa Kye, emboozi erijjukirwanga emirembe n'emirembe,
Katonda era Omulokozi wange yajja, era Yesu lye Linnya Lye.
Yazaalibwa mu mmanvu, n'Abeera omugwiira eri ababe Ye,
Katonda ajjudde okunyolwa, amaziga, n'obuyinike.

O nga mmwagala nnyo! Nga mmusuuta nnyo!
Ye Bulamu bwange, ye Musana gwange, ye Byonna mu Byonna gyendi!

645 Ayi Katonda! Yakikola atya? Omuntu agezezzaako okukiwandiika akinnyonnyole. Omu yagamba nti:

Ennyanja yonna ne bwe tugijjuza bwino,
Na buli kikolo kya kimera ekiri ku nsi ne kiba ekkalaamu;
Nga n'obwengula bwonna bitabo eby'amaliba ag'okuwandiikako,
Na buli muntu nga muwandiisi;
Okuwandiika okwagala kwa Katonda oyo ali waggulu

Engeri Katonda oyo ow'amaanyi ow'Eggulu gye yafuuka omuntu n'atwala ebibi byange!

Okuwandiika okwagala kwa Katonda ali waggulu
Kwandikalizza ennyanja ya bwino eyo yonna;
Ka gubeere omuzingo ogw'okuwandiikako tegwandiyinzizza kukumalayo kwonna mu bujjuvu bwakwo,
Ne bwe gwandyanjuluziddwa okuva mu eruuyi okutuuka eruuyi w'obwengula.

646 Era okusobola okuwa abasika b'obulokozi buno esuubi eritabuusibwabuusibwa, Yeerayira Ye kennyini nti Alituzuukiza mu nnaku ez'oluvannyuma, atuwe Obulamu Obutaggwaawo. "Era tewali muntu yenna asobola kubasikula kuva mu mukono Gwange." Amiina.

Leka tusabe.

647 Gukusinga olw'okuziimuula Okwagala Kwe? Wagaana Omuntu We ow'omukisa, Ono omukulu eyakukola okubeera ky'oli? N'oba nga kati oli wano, amakya ga leero, wano w'otuuse

mu bulamu, era nga akuwa akakisa. Wandyagadde okweyongera okuba omulamu? Waliwo engeri emu yokka ey'okuba omulamu, nga eyo kwe kukkiriza Mukama waffe Yesu. Ssinga ggwe, okuviira ddala mu mutima gwo, okkiriza nti Ye Mwana wa Katonda era n'omusembeza nga Omulokozi wo, n'okkiriza nti Katonda yamuzuukiza olw'okuggyibwako omusango kwo, bw'oba oyagala okukikkiriza ku musingi ogwo, kaakano kikyo.

648 Osobola okuyimusa omukono gwo? Ggwe abadde ttannaba kwenenya, ayagala okwenenya enkya ya leero, ogambe nti, "Nzijukira, ow'oluganda, omubuulizi, nga bwe tuyingira mu kusaba. Nange nnasobya. Weewaawo nneegatta ku kkanisa, naye nka—nkakasa nga ekyo ky'oyogereko sikifunanga. Ssizalibwanga Mwoyo oyo, Ow'oluganda Branham. Eky'amazima, ssi—ssimulina. Njagala onsabire, Katonda amumpe enkya ya leero." Katonda akuwe omukisa, ssebo. Wandibaayo omulala? Agamba nti, "Ayi Katonda, nfuula ky'Oyagala mbeere. Njagala Obeere . . . Njagala kubeera ekyo ky'Oyagala mbeere. Nziimudde okwagala Kwo." Katonda akuwe omukisa, mutabani.

649 Kati mulindeeko katono.

Ennyanja yonna ne bwe tugijjuza bwino,
N'obwengula bwonna ne buba ebitabo eby'amaliba ag'okuwandiikako;
Na buli kikolo kya kimera ekiri ku nsi ne kiba ekkalaamu,
Nga buli muntu muwandiisi;
Okuwandiika okwagala kwa Katonda ali waggulu
Kwandikalizza ennyanja ya bwino eyo yonna;
Ka gubeere omuzingo ogw'okuwandiikako nagwo tegwandiyinzizza kukumalayo kwonna mu bujjuvu bwakwo,
Ne bwe gwandyanjuluziddwa okuva eruuyi okutuuka eruuyi w'obwengula.

O, okwagala kwa Katonda, nga kwa muwendo era tekuliimu bukuusa!
Nga tekulojjeka era nga kwa maanyi nnyo!
Kulibaawo emirembe gyonna,
Lwe luyimba lw'abatukuvu ne Bamalayika.

650 Ayi Katonda omwagalwa, mazima ddala omuwandiisi w'ekitontome eyawandiika ebigambo ebyo yafaananako n'abakkiriza Bo abalala, abanoonya, nga bagezaako okunoonya ebigambo ebisobola okunnyonnyola okwagala okwo. Era kyawandiikibwa mu Bayibuli nti, "Nate, kubanga omubuulizi yali mugezi, yanoonya era n'abaako ebigambo bingi bye yasengeka." O, nga twandyagadde okuba n'olulimi n'ebigambo bye tusobola okukozesa okunnyonnyola eri abantu kiki ddala

okwagala okwo kye kuli, naye tebiriimu mu mimwa gy'abantu. Mbuusaabuusa, oba nga n'Obutaggwaawo bwonna buliyinza okukibikkula, engeri Katonda w'Eggulu gye yajja ku nsi okulokola aboonoonyi ababi, abatalina kalungi konna, abaali baabula.

651 Nkusaba, Kitaffe, nti okuyita mu bigambo bino ebitono ebitali bikutulekutule, manyanga ebikutulekutule amakya ga leero, bye njogedde, wabeewo afuna emirembe n'okumatizibwa n'ekimugumya ekinywevu, oyo adduse okujja okufuna obubudamo. Era leka emmeeme ye enywerere ku kisuubizo ekyo Katonda kye yalayira, nti Alimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero. Bangi abayimusizza emikono gyabwe, mu kizimbe kino, wano wennyini mu kkuŋŋaaniro lino. Ayi Katonda, bawe essuubi eryo erinywevu, mu kaseera kano kennyini. Nsaba banywezebwe ku Lwazi olw'edda n'edda. Ennyanja ne bw'eneesuukunda okwenkana wa ob'olyawo obwato bwabwe obutono ne bubuuka mu bbanga, balina essika, nga kye kisuubizo kya Katonda. Nga banyweredde ku ekyo nti, "Katonda yakyogera. Tayinza kulimba."

652 "Oyo awulira Ebigambo Byange," bye ngezezzaako okubuulira enkya ya leero, "n'akkiriza Oyo eyantuma, Yakuwa, alina Obulamu obutaggwaawo; era talijja mu musango, wabula aba avudde mu kufa nga azze mu Bulamu."

653 Ayi Ggwe Ataggwaawo, abali nga abo bawe omukisa olwa leero. Era leka buli muntu yenna ali munda wano atali wansi wa Musaayi, nga emmeeme ye tekyusibwanga, leka kibeewo mu kaseera kano, Mukama. Ggwe akola ebyewuunyo. Byonna Bibyo. Biweereddwaayo gy'Oli. Nkusaba Obubawe, Obulamu Obutaggwaawo. Nsaba, lumu, emitala eri ku lubalama luli, nga omu ku omu bwe tuyita mu kiwonvu, nsaba tusisinkane eyo gye bataliddamu kusiibulagana nti "weeraba" nate.

> Lumu tulituuka ku mugga ku nkomerero y'ebiseera,
> Ebirowoozo ebisembayo eby'okunyolwa bwe biriba biyise;
> Walibaayo Omuntu aliba atulindiridde alitulaga ekkubo,
> Ssirisomoka Yoludaani nzekka.
>
> Walibaawo Omuntu, aliba Annindiridde alindaga ekkubo,
> Ssirisomoka Yoludaani . . .

654 Mwenna abalina essuubi eryo, muyimuse emikono gyammwe kaakano nga bwe muyimusa emitwe gyammwe.

> Ssirisomoka . . .

Kati mumusinze businza. Obubaka buwedde. Temuli basanyufu? Katonda Yalayira nti tali . . . Katonda yalayira nti Alikusisinkanayo.

Yesu yafa okutangirira ebyonoono byange byonna;
Bwe ndiraba ekizikiza . . . (Oligamba otya? Empiso tekyaliwo.) Aliba annindiridde,
Ssirisomoka Yoludaani nzekka.

Ebiseera ebimu ndekebwawo, nga nzenna nnyenjebuse . . .

Musinze businza kati.

. . . kirabika nga emikwano gyange bonna abagenze;

Wali otuuseeko mu mbeera eyo?

Naye waliwo ekirowoozo kimu ekinzizaamu amaanyi . . . (Ekisuubizo kyali kiki?) . . . kisanyusa omutima gwange,
Ssirisomoka Yoludaani . . .

655 Kati, abaana b'ekisuubizo, mumusinze olw'okukikola.

Ssirisomoka Yoludaani nzekka,
Yesu yafa okutangirira ebyonoono byange byonna;

Kati kiki ekiddako?

Bwe ndiraba ekizikiza, Alibaawo awo nga annindiridde,
Ssirisomoka Yoludaani nzekka.

Bwe nditуuka ku mugga . . .

Buli omu ku mmwe ajja. Waliwo ogusiikirize, oguddugavu ogukutte ogukulindiridde mu maaso awo. Luggi olunene. Ojja kuluyingiramu, olumu ku nnaku zino, oba oli awo nga olunaku terunnaziba, oba oli awo nga ekkanisa tennaggalawo enkya ya leero. Ojja kuluyingiramu. Buli mulundi omutima ogwo lwe gukuba, oyongera okusitula ekigere okulusemberera.

Naye bwe ndiraba ekizikiza, Alibaawo awo nga annindiridde,

Yagamba Alikikola. Yalayira nti Alinninda.

N'olwekyo ssirisomoka Yoludaani nzekka.

656 Ai Mukama ow'omukisa, emitima gyaffe gijjudde, enkya ya leero, n'okubooga gibooze.

657 Bwe tulowooza ku kaseera ako entunnuunsi lwe zirirekera awo okukuba, omujjanjabi n'akwata akatto n'akakuzizika enkoto. Nga emikono gyo, tokyasobola yadde okugiseetula. Nga emikono gyo ginnyogoze gikirako bbalaafu. Nga abaana bo, maama wo, n'abaagalwa bo bakuba emiranga bambi baaziraana. Oluggi olwo olunene ne lwewuuba ne lweggula, emitala eri. Aliba alindiridde.

658 Dawudi yagamba nti, “Bwe nnaayala obuliri bwange mu magombe, Ajja kubaayo.” Ssirigusomoka nzekka. Oluwandaagirize okuva mu mugga bwe lulitandika okutusammukira mu maaso, Katonda alikwata eryato ly’obulamu, n’atuluŋŋamya ne tugusomoka. Yasuubiza nti Alikikola. Dawudi nnabbi yagamba nti, “Weewaawo, newankubadde nga ntambulira mu kiwonvu eky’ekisiikirize eky’okufa, ssiritya kabi konna. Ggwe oli nange. Oluga Lwo n’omuggo Gwo, bye binsanyusa.”

659 Mukama, tuli basanyufu nnyo leero, okuba nti naffe twabalibwa okuba abamu ku basika ab’ekisuubizo. Leero tulina munda mu ffe Obulamu Obutaggwaawo, kubanga twagala Mukama waffe Yesu era twamukkiriza, ne tusembeza n’Ekigambo Kye n’okuyigiriza Kwe. Era Yatuwa, nga akabonero ak’okukkiriza kwaffe, Omwoyo Omutukuvu, envumbo y’Omwoyo Omutukuvu. Okukkiriza kwaffe munda mu ffe kunywevu. Era newankubadde emirundi mingi tutambulira mu bisiikirize eby’ekizikiza, emirundi mingi twesittala mu lugendo, naye essika lyaffe likyakutte. Waliwo ekiririmu, emitala eri, ekirabika nga kitukulembera, nga kitugamba nti, “Genda mu maaso. Tugenda mu maaso.”

660 Ayi Katonda, tuwe omukisa. Tukwetaaga. Tukuume nga tuli beesigwa era b’amazima okutuusa ekiseera lw’Olijja okututwala, tulikutendereza emirembe egitakoma. Ne ku lunaku luli bwe tuliyimirira ku nsi. . . Nga ebigere Bye eby’omukisa tebinnalinnya ku nsi. Bw’aliba Ayimiridde awo, mu bbanga; abatukuvu n’abanunule okuva mu mirembe gyonna, okuyita mu buli kisisimuka, ekisooka, eky’okubiri, eky’okusatu, eky’okuna, eky’okutaano, eky’omukaaga, eky’omusanvu, bonna nga bayimiridde awo bambaziddwa obutuukirivu Bwe; tulimutikkira engule nga Kabaka wa kabaka era Mukama w’abaami, ne tuyimba ku byafaayo ebyo eby’obununuzi. Emitima gyaffe bambi giritutyemuka bwe tulimulabako Oyo Eyatwagala ne Yeewaayo ku lwaffe. Bwe twali abataagalikika era aboonoonyi, Kristo yatufiirira tusobole okulokolebwa. Tukikwebaliza, ayi Kitaffe, mu Linnya lya Kristo. Amiina.

661 Mumwagala? O, nga wa nnamaddala. Towulira nga ayagala omuvumbagire? Muli, towulira nga oyagala weewalule otuuke waali okwate ku bigere Bye?

662 Omanyi, waliwo abantu abajjanga mu nkuŋŋaana zange mu Phoenix, Arizona, ne bagamba nti, “Njagala kubyogeramu Naye. Njagala kumugamba nti, ‘Mukama, wanjagala ekkubo lyange bwe lyakwata ennyo enzikiza.’” Nange njagala kubyogeramukko Naye nga tetunnaba kusomoka. Nja—njagala kumulaba. Nja—nja—njagala kumulaba. Bwe ndowooza ku bwe ndiwulira, omutima gwange bambi bwe gulikankana bwe ndimulaba nga ayimiridde awo.

663 Bulijjo mbaddenga nnebuuza nga ŋŋamba nti, "Kale ssinga nnali omu ku abo abaawulira Eddoboozi eryo nga ligamba nti, 'Mujje Gyendi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa. Nnaabawummuza.'"

664 Oba oly'awo ekyo ssirikiwulira ddala nga Bwe yakyogera ku mulundi ogwo, naye njagala mmuwulire nga agamba nti, "Luno lwe lunaku olusembayo. Weebale nnyo, omuweereza wange omulungi era omwesigwa, kaakano yingira mu ssanyu lya Mukama eryakutegekerwa." Okuva ddi?

665 "Okuva lwe walokoka?" Nedda, ow'oluganda.

666 "Okuva ku kutondebwa kw'ensi, bwe Nnakulaba ne nkumanyirawo nga tonnabaawo, ne nkwawulira Obulamu Obutaggwaawo," mu kiseera ekyo lwe waweebwa omukisa. "Abo bonna be Yamanya edda, Yabayita." Si bwe kiri? "Bonna be Yayita, Yabaggyako omusango. Abo be Yaggyako omusango, Yamala dda okubagulumiza." Kiikyo. Yatumanya nga tetunnabaawo, n'atuyita, n'atuggyako omusango, era twagulumizibwa dda wamu Naye, ku nkomerero y'ensi, twolekedde mpeera yaffe. Temuli basanyufu? Mazima ddala, kikuleetera okumwagala. Bwe wali tosobola kweyamba, naye n'Ajja n'akikukolera.

667 Mwannyinaffe Gertie, oluyimba *Kiweebwe Omukisa Ekisiba Ekyo Ekisiba*. "Emitima gyaffe mu kwagala okw'Ekikristaayo," nga bwe tufuna okussa ekimu kuno okw'okusinza kuno wano mu kaseera kano, bwe tumala tusabire abalwadde. Katonda abawe omukisa. Eri mmwe abaayimusizza emikono gyammwe eri Kristo enkya ya leero, funa ekifo aw'okumusinziza, muweereze.

668 Kati, leka tumusinze kaakano, nga ekibiina fenna wamu, mmwe mwenna Abamesodisiti, ab'enzikiriza y'ekkanisa ya Katonda, aba Assemblies of God, Abapulesibeteriyani, Abaluzalaani, Abakatuliki. Fenna wamu kati, leka tuluyimbe kaakano.

Kiweebwe omukisa ekisiba ekyo ekisiba awamu
Emitima gyaffe mu kwagala okw'Ekikristaayo;
Okussa ekimu okw'abantu ab'endowooza emu
Kulinga kuli okwa Waggulu.

Bwe tubeera mu maaso g'Entebe ya Kitaffe,
Tuwaayo okusaba kwaffe n'obumalirivu;
Okutya kwaffe, essuubi lyaffe, ebigendererwa byaffe byonna bye bimu,
Okubudaabudibwa kwaffe wamu n'ebitweraliikiriza.

Bwe twawukana,
Kituleetera obulumi munda;

Naye tujja kusigala nga tuli bumu mu. . .
(Abamesodisiti bameka, Ababaputisiti,
n'abalala bonna?)
Nga tulina essuubi okuddamu okusisinkana.

669 Ekyo tekibakola bulungi? Kati leka tukyuke tukwataganeko mu ngalo, nga bwe tuluyimba nate era.

Mu maaso. . .

Kwatako mu ngalo, z'oyo akuli emabega, n'akuli mu maaso, ne ku kkono ne ddyo.

. . . Entebe,
Tuwaayo okusaba kwaffe n'obumalirivu;
Okubudaabudibwa kwaffe wamu
n'ebitweraliikiriza.

Kati bwe twawukana,

Tujja kwagalana.

Kituleetera. . .

Olukuŋŋaana ssinga lubadde lusobola okugenda mu maaso? Okiraba? Bwe tutyo bwe tulowooza.

. . . obulumi munda;
Naye tujja kusigala nga tuli bumu mu mutima,
(mu bumu)
Nga tulina essuubi okuddamu okusisinkana.

Bwe tutaliddamu kusisinkana wano, tulisisinkana ku Lunaku luli olukulu.

670 Kaakano, Kitaffe, kkiriza okusinza kwaffe enkya ya leero. Twala Ekigambo okisimbe mu mitima gy'abakkiriza. Leka baleme kuyuuzibwa eno n'eri, nga leero bali waggulu ate enkya bali wansi, naye leka Ebigambo bino bifune we biwummulira mu buli mutima gwa buli mukkiriza. Okumanya kino, nti, "Katonda yalayira n'ekirayiro, era waliwo ebintu bibiri ebitajjulukuka. Okuba nti Katonda tajjulukuka, amakulu nti, tekisoboka Ye okulimba, kibeere nti abasika b'obulokozi buno babeera n'essuubi lino erinywevu, erinywevu era eritabuusibwabuusibwa, essika ery'obulamu eriri mu mmeeme." N'okumanya kino, nti, "Katonda yatusuubiza, okuyita mu kirayiro. Ekisooka, nti tekiyinzika Ye okulimba; n'ekirala nti, ku ekyo Yaggatako n'ekirayiro, nti Alituzuukiza ku lunaku olw'enkomerero era alituwa Obulamu Obutaggwaawo." Nga tumanyi, nti, "Bwe twayitibwa, nti Yagamba yatumanya nga n'ensi tennabaawo, n'atwawulira okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo. Era Yatumanya nga tetunnabaawo. Yatuyita. Era bwe Yatuyita, Yatuggyako omusango." Tetusobola kweggyako musango, bw'atyo Yatuggyako omusango okuyita mu kufa kw'Omwana We. "Abo be Yaggyako omusango, Yamala dda okubagulumiza." Ekigambo kyamala dda okwogerwa. Era tuli mu lugendo lwaffe, nga tugenda, tujaguza tugenda mu Kitiibwa.

671 Wa abantu okukkiriza, era leka obuzeezeze n'obuntuntu obulemedde ku bantu, leka babyetakkuluzeeko, enkya ya leero, nga bakozesa Ekigambo kya Katonda kino nga ly'essika ery'obulamu eri emmeeme, erinywevu era eritabuusibwabuusibwa. Leka beetakkuluzeeko emize gye babadde nagyo, n'obusungu bwe babadde nabwo. N'ebintu ebibadde bi...Nga Pawulo bwe yagamba, mu kitundu ky'obubaka kye tunaakwatako mu nnaku ntono ezijja mu maaso nti, "Leka tusse ku bbali buli ekizitowa kyonna, n'ekibi ekyanguwa okututega, tusobole okudduka n'obugumiikiriza embiro eziteereddwa mu maaso gaffe; nga tutunuulira omutandisi era omutuukiriza w'okukkiriza kwaffe, Yesu Kristo, Eyakemebwa mu buli ngeri yonna nga naffe bwe tukemebwa, naye n'atayonoona." Yakkirizibwa okukemebwa, naye teyagondera kikemo. Naffe tukemebwa okwonoona, naye tetuteekwa kugondera kikemo. Kubanga Obulamu bwe tulina munda mu ffe ly'essika ly'ekifo gye tulibeera Obutaggwaawo bwonna, era ekyo tukitwala nga kikulu nnyo mu mitima gyaffe.

672 Kati, waliwo bangi Ssetaani b'anyigiriza n'okunyigirizibwa. Tuteekateeka okubasabira, ayi Kitaffe. Tusaba, nga bwe bayita wansi w'Ekigambo kya Katonda leero...Ekigambo ekyo eky'omuwendo ekibuuliddwa, nga Bayibuli ekikakasa, Bamalayika ba Katonda nga bayimiridde kumpi, wamu n'Omwoyo Omutukuvu ow'ekitalo, okusinga byonna, ayimiridde wano okujulira eri Ekigambo. Kaakano, Kitaffe, nga bwe bayita wansi w'Ekigambo eky'ekisuubizo, enkya ya leero, leka bave wano baddeyo babeere bulungi. Beeyambule ebisipi byabwe, bave mu butebe ne—n'obugaali kwe babadde bagalamidde, babeere bulungi. Kituwe, ayi Mukama. Nsaba bakomewo mu lukuŋŋaana oluddako bwe banaaba baweereddwa akakisa okukomawo, oba baddeyo mu kkanisa zaabwe, nga bajaguza, nga balaga ebikulu Kristo by'akoze. Okuweereza kuno tukuwaayo olw'ekitiibwa Kyo, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

673 Neetonda olw'ekisuubizo kye nnakoze, nti enkya ya leero tubadde ba kukwata ku ssuula ey'omu 7, naye ssisobode kugituukako. Kubanga tubadde tulina okulekayo akaseera a—aka kino wano, ak'olunyiriri lw'ab'okusabirwa. Kale kati, akawungeezi, Mukama nga ayagadde, tujja kukwata ku ssuula ey'omu 7, tulabe Merukizeddeeki ono yali Ani. Bameka abandyagadde okumanya yali ani? Ha, tujja kumwetegerereza ddala, tulabe ddala Ye Ani. Era Ebyawandiikibwa byogera ky'Ali. Mukiraba?

674 Kati Scofield yagamba bwali "bwakabona." Bwali buyinza butya okuba obwakabona, nga tebulina ntandikwa yadde enkomerero? Mukiraba, tebwali bwakabona. Yali Muntu, Merukizeddeeki (Erinnya), Muntu.

675 Nga, kino ssigezaako kunyooma, naye ab'enzikiriza ya Ssayansi w'Ekikristaayo bagamba mbu Omwoyo Omutukuvu

"kirowoozo." Nga ate Bayibuli egamba nti, "Ye, Omwoyo Omutukuvu." Ate nga *Ye* ye nnakasigirwa ey'obuntu. Omwoyo Omutukuvu Muntu; si kirowoozo. Naye Muntu. Mazima ddala.

676 Ne Merukizeddeeki naye Muntu, Omuntu ataalina nnaku lwe yatandika wadde enkomerero y'emyaka. Teyalina kitaawe wadde nnyina, wadde bajjajjaabe. Naye akawungeezi, Mukama bw'anaaba ayagadde, tujja kulaba Ye Ani, okuyita mu Kigambo. Mukyagala? O! "Ekigambo Kyo tabaaza eri ekkubo lyange n'eri ebigere byange." O!

677 Kati, oyinza okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, nze ssikitegeererako ddala." Nange ssikitegeera.

678 Naye, lumu, nnali mbuulira emmanga mu Kentucky. Kati eri abamu ku bantu abapya, n'Abakatuliki n'abalala ab'enjawulo, abayinza obutategeera bintu bino bwe biri bya buziba, era ebijjuddemu amakulu ag'Ebyawandiikibwa. Nnali mbuulidde ku kuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Ne baleeta omuwala omuto eyali tayambadde ngatto . . . Yali taweza na myaka kkumi n'etaano, yalina omwana omuwere, eyalina endwadde ya mulalama. Ne mmubuuza nti, "Omwana wo, alina buzibu ki, mwanyinaze?"

679 N'agamba nti, "Yeesika." Yali tamanyi kugamba nti, mulalama. Yali tamanyi bulwadde obwo bwe babuyita.

680 Mukazi wattu oba oly'awo yali tayambalangako na mugogo gwa ngatto, mu bulamu bwe. Nga kabiite w'omuntu omu, nga alina enviiri mpanvu zikka wansi. Kye nnava mmubuuza nti, "Okkiriza?"

681 Obuuso obwo obwali butangalijja ne buntunuulira. N'agamba nti, "Weewaawo, ssebo. Mazima ddala nzikiriza."

682 Ne nsitula omwana. Bwe nnali mmusabira, n'alekera awo okwesika. Uh-huh. Okwesika ne kugenda nga kulekera awo, ne kukomera ddala.

683 Olunaku olwaddako, nnali mu kuyigga kaamuje, ku mabbali g'olusozi. Ne mpulira munda eyo abasajja aboogera, ne mpulira n'okuwuuma kw'omusumeeno. Ne ŋŋendayo. Nnali nva kuyigga kaamuje. Baali boogera ku nze, nga bali awo batudde, bwe bagaaya taaba bwe bawandula, nga ebikoola bwe biwujjibwa empewo, bwe *bityo*. Era baali boogera ku, kati, ku lukuŋŋaana olwali lwabaddewo eggulo limu. Omu kye yava agamba nti, "Omwana oyo nnamulabyeko. Nnagenzeeyo, ku makya ga leero. Yabadde takyesika, ku makya ga leero." Mukiraba? N'agamba nti, "Ekyo kyabadde kya nnamaddala." Nga bw'awandula.

684 Baalina n'emmundu nga bazeesigamizza ku muti, muli kye nnava ŋŋamba nti leka ŋŋende mbeeyanjulire. Omanyi, nabo, baalina obutakkaanya emmanga eyo. Kati, kye nnava ŋŋenda we bali. Ne ŋŋamba nti, "Mwasuze mutya, ab'oluganda."

685 Omusajja omu eyali ow'ekiwago, n'aba nga ayogera, yalina omusokoto gwa taaba mu kamwa gwe yali agaaya, *bw'ati,* ku ludda lw'omumwa *bw'ati,* nga munene, wa nsingo mpanvu. Yali ayambadde n'enkofiira ennene ey'enkola enkadde, nga agisise ebisse ku maaso. N'akyuka n'andaba. N'akwata enkofiira eyo, n'agiggyako mu bwangu obw'ekitalo, *n'amira* mangu, amalusu agaalimu taaba gwe yali agaaya, n'agamba nti, "Wasuze otyanno, mubuulizi." Mukiraba? Yee, ssebo. Okussaamu ekitiibwa. Era ekyo kituufu. Oba yasobola atya okugumira taaba oyo gwe yamira, nange ssimanyi, naye yamumira.

686 Kati, ekiro ekyaddako, bwe nnakomawo, waaliwo omusajja eyali ayagala okukaayana nange. Yali asabira mu kkanisa etakkiririza mu kuwonyezebwa kwa Bwakatonda. Era, eno yali kkanisa y'Abamesodisiti, mu White Hill, e Kentucky. Kale ya— yali agenda . . . Yali ayimiridde wabweru. Nga akutte ettaala y'omukono. Kye yava aŋŋamba nti, "Mubuulizi, nnina kye njagala okukugamba. Nze Ekyo ssikikkiriza, kubanga ssirina we nkiraba."

687 Ne mmubuuza nti, "Tokirabirako ddala yadde?"

688 N'agamba nti, "Nedda." N'agamba nti, "Nze kennyini, ndi mulwadde. Naye," n'agamba nti, "Ssirina we nkiraba."

Kye nnava mmubuuza nti, "Obeera wa?"

N'agamba nti, "Eri mu Big Renox."

Ne mmubuuza nti, "Kati, onaddayo otya eka?"

N'agamba nti, "Yiiyi, nja kutambula nzireyo eka."

Ne mmubuuza nti, "Bw'otunula bw'oti amaka go ogalengera?"

N'agamba nti, "Nedda, ssebo."

Ne ŋŋamba nti, "Enzikiza ekutte nnyo akawungeezi ka leero, waliyo n'ekiddedde."

N'agamba nti, "Weewaawo."

Ne mmubuuza nti, "Kati onaatuuka otya eka?"

N'agamba nti, "Nja kukozesa ttaala eno."

Kye nnava mmugamba nti "Naye ettaala eyo temulisa lugendo lwonna kutuuka ku nnyumba yo." Ne mmubuuza nti, "Onaakikola otya?"

Ye n'agamba nti, "Ha, nja kutambula nga ngoberera ettaala w'emulisizza."

689 Kye nnava mmugamba nti, "Ky'ekyo kyennyini. Kati olina ekitangaala ky'ettaala eyo, era buli lw'ositula ekigere okudda *erudda* eno, ekitangaala kigenda kikumulisiza mu maaso gy'olaga. Bw'onoogenda mu maaso nga otambula, ekitangaala kijja kusigala nga kikumulisiza w'oyita."

690 Kati naawe ekyo ky'oba okola enkya ya leero, oyagala Kristo, Kabona Omukulu ow'amaanyi, Omwegayirizi ku lw'endwadde yo, oba obulwadde bwo, oba emmeeme yo. Oyinza obutakitegeera. Tetukitegeera. Naye tulagirwa "Okutambulira mu Musana nga Ye bw'ali mu Musana." Ositula ekigere kimu n'oyingira mu Musana. Bw'omala okufuna Omusana, awo Omusana gujja kwaka okutuusa ku lunaku olutuukiridde. Gujja kukumulisizza ekkubo.

Era tujja kutambulira mu kkubo lino ery'edda,
Nga ntegeeza buli gye ŋŋenda yonna,
Waakiri mbeera Omukristaayo ow'enkola enkadde, Mukama,
Okusinga okubeera ekintu ekirala kyonna kye mmanyi.

Oluyimba olwo olw'edda mwali muluwuliddeko?

Tewali kigeraageranyizibwa na Mukristaayo ow'enkola enkadde,
Ayolesa okwagala kw'Ekikristaayo;
Tutambulira mu kkubo eddungi ery'edda,
Nga tutegeeza buli gye tugenda yonna,
Waakiri mbeera Omukristaayo ow'enkola ey'edda, Mukama,
Okusinga okubeera ekintu ekirala kyonna kye mmanyi.

691 Ndwagala nnyo. Kale. Kati tugenda kusabira abalwadde. Tetu. . . Tetugamba nti tusobola okuwonya abalwadde. Bwe twogera tutyo, tuba tulimba. Buli mulwadde yenna ali wano yawonyezebwa dda. Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba. "Olw'emiggo egyamukubwa twawonyezebwa." Si bwe kiri?

692 Buli mwonoonyi yenna ali wano, bwe wabaawo aliwo yenna, walokolebwa okuviira ddala Yesu lwe yafa. Naye tofanga n'ova wano omukisa gwo ogw'okukikkiriza we gwateekebwa mu maaso go, n'ogenda mu Kubeerawo Kwe n'ogezaako okukikkiririzaayo. Olina kukikkiriza kati. Kano ke kaseera kennyini w'olina okukikkiririza. Bw'osukka Omusaayi, awo oba tokyali kirala kyonna wabula. . . Obeera omaze okusalirwa omusango, kubanga osalirwa omusango olw'engeri gy'oyisizzaamu Omutango gwa Mukama waffe Yesu Kristo. Okiraba? Obeera. . . weesalira wekka omusango.

693 "Kati Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, era olw'emiggo egyamukubwa twawonyezebwa." N'olwekyo, tewali kye nnina, kisobola kukuwonya. Ekkanisa tewali ky'erina, kisobola kukuwonya. Ekintu kyokka kye tusobola okusabira kye kino, nti okukkiriza kwo kuleme kulemererwa, ojje ku wolutaali enkya ya leero okukkiriza Kristo nga Omuwonya wo, nga bwe wakola bwe wamukkiriza nga Omulokozi wo. Era awatali. . . Katonda akola ebyamagero. Alaga obubonero obw'amaanyi. Abazibe

b'amaaso, bakiggala, bakasiru, bonna, bawonyezebwa wano eno mu kkuŋŋaaniro lino. Naye oba nga kibaddewo oba nedda, era, tukikkiriza. Emirundi mingi ebintu ebyo bibaawo kuyita mu kwolesebwa.

694 Bameka abaali wano Sasnde nga ssatu, oba nnya eziyise, omusajja bwe yajja wano, nga muzibe w'amaaso ate nga yagongobala, oba nga atudde na mu katebe eyali yafa akasimu akamusobozesa okwetengerera? Era bwe nnali ssinnava waka, nnamulaba mu kwolesebwa okwali kugamba, "Nti wajja kubaawo omusajja, ow'enviiri enzirugavu, ezitandise okufuuka envi. Mukyala we mukazi alabika obulungi asikiriza, wa myaka nga nkaaga. Ajja kujja nga akaaba," era ajja kunsaba. "Okukomawo nsabire bba." Omusajja oyo yatuula awo wennyini.

695 Bwe nnajja. Ne ŋŋamba abamu ku b'oluganda bange wano nti, "Kino mukirindirire okubaawo."

696 Era bwe twagenda ku wolutaali, abalala baali baamaze dda okusaba. Bwe nnagenda okusaba, nnatambula ne nvaayo ne nkomawo wano eno. Mukyala we n'asituka n'ajja mu ngeri yennyini Mukama gye yali agambye nti bwe kinaabeera. Abantu babeera balinze, okulaba oba nga ddala bwe kityo bwe kinaabaawo. Tekiremanga kubaawo. Kati bwe yatambula . . .

697 Ŋŋenda okukizuula, nga waliwo omusajja ayitibwa, Dokita Ackerman, emmanga mu Birdseye, Indiana, ye yali amusindise wano; musajja Mukatuliki, ne mutabani we faaza eyo mu kigo ky'Omutukuvu Meinrad. Era Dokita Ackerman tuyigga ffenna, kati ye yali asindise omusajja ono. Kati Mukama yandaga omusajja ow'enviiri enzirugavu eyali agenda okumusindika, naye ssaamutegeera.

698 Nnamubuuza nti, "Dokita Ackerman ye yakusindise?"

699 N'agamba nti, "Ye yansindise." Mukiraba? Awo omusajja n'a . . .

700 Ne ŋŋamba nti, "Kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Ne nzikirira wansi. Ne mmugamba nti, "Ssebo, yimirira." Nga muzibe w'amaaso ate taso . . . yali . . . Aka—akasimu akamusobozesa okwetengerera kaali kaafa. Nga tasobola kwetengerera bw'ati. Mukiraba? Yali amaze emyaka egiwererako ddala nga ali mu mbeera eyo, yali yagendako mu ddwaliro lya Mayo n'amalwaliro amalala. Ne mmusabira essaala, n'agolokoka. N'asituka, n'atambula.

701 Yasooka n'agamba nti, "Ssikulaba." Oluvannyuma n'aleekaanira waggulu nti, "Yee. Nkulaba." Amaaso ge ne gazibuka awo wennyini, yali Musodokisi, nga mukyala we, Mupulesibiteriyani.

702 Abantu abamu balowooza mbu "Abapulesibiteriyani tebaleekaana, n'Abasodokisi." Mwali mwetaaga

mubeewulirireko. Mazima. Baali baleekaana nga bwe bagwaŋŋana mu kifuba. N'akomawo n'akwata akagaali ke ak'abalema, n'atambula n'akkirira amadaala, nga omuntu omulala yenna, nga alaba bulungi ayogera ne—n'ebirala.

703 Nnafuna ebbaluwa okuva gy'ali, manyanga yakuba essimu, luli. Nzikiriza nti, Ow'oluganda Cox ye yagenda gy'ali. N'agamba nti, "Amaaso gaali gamubabuukirira." Mazima ddala. Ako kasimu, busimu bwa maaso bwe bukula nga buddamu okuba obulamu, omanyi, nga bukomawo mu kifo kyabwo. Ekikolimo kyaggyibwawo.

704 Obutonde bw'obuleka ne bukola kye buteekwa okukola, bwe watabaawo kiziyiza butonde, bubeera bujja—bujja kwegazaanya. Singa weesiba olukoba ku mukono, n'osalako omusaayi nga tegukyatambula bulungi, ekinaavaamu omukono gwo gujja kufa. Kati, kubanga, mu butonde, tegwandibadde na buzibu bwonna singa obeera ogulese nga bwe guli. Naye kati waliwo ekitaataaganyizza obutonde. Kati, bw'oba tosobola kukiraba, omusawo talina ngeri gy'ayinza kukikwata. Ebintu bibiri byokka omusawo by'asobola okweyambisa okujjanjaba: by'asobola okulaba, n'ebyo by'asobola okukwatako. Bye bintu byokka by'asobola okweyambisa okujjanjaba: ebyo by'alaba ne by'akwatako.

705 Bw'aba tasobola kukiraba, kitegeeza kya mwoyo. Kaakati awo waliwo, ekintu kimu kyokka ekisobola okubaawo; tusaba, Kristo n'aggyawo ekikolimo, n'agoba ssetaani n'avaawo, olwo awabadde obuzibu ne watandika okuwona, ne watereera. Ne waba bulungi, era ky'ekyo kyokka. "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu." Si bwe kiri? Kisuubizo eri ekkanisa. Kisuubizo eky'amaanyi. Kye kiki? Kwe, kwe Kubeerawo Kwe nga kuli naffe. Kati, ekituziyiza okutuukirira enkya ya leero, tukole ebintu ebyo nga bwe Yabikola, kiri lwa kuba tukyali mu ggigi. Mukiraba? Naye tulina enneewulira munda muli etugamba nti, "Ha, weewaawo." Olaba?

706 Kati bw'okkiriza okuwonyezebwa kwo, ssi nsonga kiki eggigi kye ligamba, ekikulu ky'ekyo Ekigambo kye kigamba. Mukiraba? Ky'ekyo. Ky'ekyo. Ate e—e—Ekigambo bulijjo kye kifuga buli kimu kyonna. Ekigambo kya Katonda Ekitaggwaawo!

707 Mulabe Saala, enda ye yali yafa, yali wa myaka kyenda, yali abeera wamu ne bba okuviira ddala nga wa myaka nga kkumi na mukaaga oba kkumi na musanvu, naye tebaalina baana; Ibulayimu, nga alina emyaka kikumi. Katonda n'akyuka n'abawa omwana. Okiraba? Kubanga, bakkiriza. Baayita ebintu ebyo ebitaaliwo, nga ebiriwo. Bw'otyo bw'oba oyingira enkya ya leero, mukwano gwange.

708 Kati akawungeezi, tusuubira . . . Mmwe mwenna, abaatukyaliddeko tuli basanyufu okuba nammwe enkya ya

leero. Era Katonda abeere nammwe. Bw'oba ow'okubeera mu kibuga akawungeezi, tunaasanyuka okubeera naawe akawungeezi mu kitundu ky'olukuŋŋaana luno ekirala, ekikwata ku Merukizeddeeki. Naye bw'oba t'obeeremu, nga olina ekkanisa yo gy'osabira, genda mu kkanisa yo. Obwo—obwo buvunaanyizibwa bwo. Bw'oba olina ekkanisa mw'osabira, gendayo. Lino kkuŋŋaaniro ettonotono we tukuŋŋaanira awamu ne tuba n'okussa ekimu buli omu ne munne. Kati, Mukama abawe omukisa.

709 Kati Mwannyinaffe Gertie agenda kutukubira oluyimba, *Omusawo Omukulu Kaakano Ali kumpi.* Kati waliwo omuntu yenna eyetaaga okusabirwa? Yimusa omukono gwo, abo abaagala okujja mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa, okwolekeza okukkiriza kwammwe eri Kristo. Kale. Mbasaba, muyimirire ku ludda luno *eno* olw'ekkanisa. Kati entebe ssinga musobola okuzisika ne zidda wansi katono, ow'oluganda, bw'oba osobola, tusobole okufuna ekifo munda omwo abantu basobole okuyitawo. Mujjire ku ludda *luno* eno.

710 Era kati tugenda kusaba, nga bwe tuyimba. Era ŋŋenda kusaba abakadde abali wano, ab'eddiini yonna oba ekkanisa yonna, k'ebeere kkanisa ki, bwe muba mukkiririza mu kuwonya okw'Obwakatonda, musobola okujja ne muyimirira nange wano eno ku kituuti kino, okusabira abalwadde? Tunaasanyuka okujja okutwegattako. Oba oli wa ddiini ki, oba tolina ddiini yonna, oba kyonna ky'oli, tunaasanyuka okujja okutwegattako. Musobola okujja mu maaso kaakano, ne tusaba? Mujje muyimirire nange.

Ow'oluganda Neville, jangu n'amafuta.

Abaebbulaniya, Essuula Ey'Omukaaga 3 LUG57-0915M
(Hebrews, Chapter Six 3)
Obubaka Obukwata Ku Kitabo Ky'Abaebbulaniya obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga 15 Ssebutemba, 1957, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org